# *EKIVUME KU LW'EKIGAMBO*

Weebale, Ow'oluganda Neville.

Nnabuuzizza Ow'oluganda Neville nti, "Okakasa enkya ya leero towuliramu mafuta yadde?"

2 Nnazze nga ekindeese kwe kubaako abalwadde be nsabira. Waabaddewo abantu abaababadde bakuŋŋaanye mu kye tu... ku Ssande ku makya ennyo. Be nnabadde nnina okusisinkana, mbasaba ne bajja wano ku kkanisa. Era ndo—ndowooza bulijjo kisingako abalwadde okubasabirira wano eno ku kkanisa. Ssimanyi. Naye njagala kikolebwe ku kkanisa, w'osobola okujja awali abantu abazze okusinza, era we babeera nga bali mu kusaba.

3 Kati waabaddewo akawala akato emabega wali, akawala akato akalabika obulungi ennyo, naye, kirabika mu kaseera kano kalina we katudde wabweru, abantu be kabadde nabo bwe baba tebazzeeyo waka. O, nkalengedde. Kakazi kattu kalabika bulungi nnyo. Naye bambi kalwadde nnyo. Era twabadde tuwuliriza, bwe twawulidde obubaka obwayogeddwa mu nnimi n'okuvvuunula we bwabeereddewo. Twabadde tuwuliriza, era twalowoozezza nti twategedde nga waliwo ekyayogeddwa ekikwata ku kawala. Na bwe kityo twabadde tulindiridde okulaba oba nga Mukama anaabaako obubaka bwonna bw'awa, ku kiki kye tuba twogera munda wali. Naye ndowooza akawala kati kali bulungi, era kagenda kutereera. Kale...

4 Waabaddewo n'omukyala eyaziba amaaso, era naye, twabadde tumusabira. Waabaddewo n'omusajja omu eyabadde mu ambiyulensi wabweru awo, nga muweereza. Ssirowooza nga omusajja oyo yabadde aweza ne kilo ekkumi n'omukaaga, oba ekkumi n'omunaana. Yabadde—yabadde mukovvu nnyo, nnyo...Kale nnabadde nzize kubasabira.

5 Era ensonga lwaki nneesisiggirizza, nnyo, ebadde ya sseminti gwe banteeka mu linnyo eyasowoseeyo n'avaamu. Era kati muli mpulira nga afuuwa oluwa, enkya ya leero, nga mpulira empewo eyita mu kituli ekyo, mu linnyo lyange. Ate baŋŋamba nti kati nnina okugenda bagawawuleko, era gassibweko obugabikkako. Kale bambi bwo obukadde bugenda buntandiikiriza, ekyo kyo ddala nkimanyi. Kati nga lino baali baalijjuzaamu sseminti, kyenkana ekitundu kyalyo, naye bwe ntandise okwogera, muli obeera owulira, nga empewo ebeera eriyitamu, ndowooza kye njogerako mu—mukitegeera, nga eringa ekufuuwa ku mimwa. Kale ne kikuviirako okuba nga, ayogeza ekirimi.

6 Ddala tuli bannamukisa nnyo okubeera abalamu enkya ya leero, era n'okusobola okujja ku kkanisa. Era ku lunaku luno nga wabulayo olunaku lumu lwokka Ssekukkulu etuuke, nga

tulindirira okujaguza kwe babeera nakwo, kwe, nze—nze kwe nsuubira nti a. . . Naye waliwo abaana abato bangi nnyo enkya ya leero, ekyo leka nkyerekereze. Okiraba? Omanyi, ffe abakulu, oluusi tugenda ne twogera ebintu, abaana abato bye batasaana na kuwulira.

7 Naye, kirabika ekkanisa erinayo akantu akatonotono ke yategese ak'okuwa abato, bwe tunaaba tumalirizza. Mbadde nkatunuulira, munda wali. Ha, kyandibadde kirungi ne musigalawokko. Nga Ssande sukuulu ewedde, musigalewokko, mulaba, kubanga ki—kirabika munda eyo balinayo ebirabo bye baagala okuwa abato, bye bandyagadde okubagabira enkya ya leero. Era bwe na. . . Kati eri mmwe abato, mujjukire nti, nga kino bwe tukikola, njagala kino kitegeerekeke bulungi, nti tekikwata ku Faaza Kulisimasi, kubanga eyo mboozi lumu gye mujja okutegeera nti teriimu makulu. Wabula kikwata ku Yesu Kristo, oyo Amazima agasinga amazima gonna, mukiraba, Omwana wa Katonda. Era tubawa akalabo kano, enkya ya leero, okusobola okubategeeza nti lumu Katonda yawaayo ekirabo ekisingayo okuba ekikulu mu byonna ekyali kiweereddwayo eri oluse lw'abaana b'abantu: nga ye Mwana We. Weewaawo engeri gye tukyolekamu, tematiza n'akatono. Ate nga tetulina kye tuyinza kuwaayo kiyinza kwenkana kirabo ekyo. Naye nga abantu, buli omu eri munne, ekyo kye tukola.

8 Kati, mbadde ŋŋenda kulinda okutuusa ku Ssande ejja. Naye oba oli awo, era ŋŋenda kulinda, olw'ekintu ekimu kye njagala okwogerako. Waliwo n'ekintu ekya—ekyatutegeezeddwa, ewaka, okuyita mu kwolesebwa, kye nteekwa okulondoola. Era kirabikamu nga. . . Kirabika, nga, ekinaaba ekizibu okuyitamu, naye tetwagala kulowooza nti Katonda ky'ayogera kizibu okuyitamu. Emigugu Gye—Gye miwewufu.

9 Kati nga bwe kiri nti ku Ssande ejja, Katonda nga ayagadde, tujja kubeera ne—n'olukuŋŋaana wano nga wabulayo olunaku lumu okutuuka ku Lusooka Omwaka, Mukama bwe kinaamusanyusa ffe okubeera n'olukuŋŋaana luno. Era twagala tubeere n'olukuŋŋaana olw'okumakya, okusabira abalwadde, oba oli awo n'okubatiza. Kati nnalowoozezza, ku ky'okululanga eri mikwano gyaffe, basobole okulwetabamu. Tubeere n'okusaba ku Ssande ku makya ne ku Ssande akawungeezi. Bwe tunaamala eri abo abanaaba baagadde okusigalawo okutuusa Olusooka Omwaka, olwo tubeere ne. . . Tunaabeera, n'Okusaba okutuyingiza omwaka ku mulundi guno? [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Weewaawo."—Omuk.]

10 Wajja kubaawo abaweereza abawerako wano, bajja kuba nga babuulira mu kiro ekikeesa Olusooka Omwaka, okutuukira ddala mu ttumbi. Era tu—era abaweereza bwe batyo tubaaniriza okujja babuulire. Mukama nga ayagadde, nange njagala kubeera omu ku abo abanaaba n'obubaka obw'okubuulira mu kiro ekyo ekikeesa Olusooka Omwaka.

11 N'ekirala Ssande ejja, nnalowoozezza okuleeta olukalala lw'ebintu eby'enjawulo ebikolebwa, ebikoleddwa, okubalaga engeri Katonda gyakolaganamu n'abantu Be, era tubyogereko okutuukira ddala ku—ku ntikko ya byo wano ku kkanisa.

12 Kati bangi ku mmwe mwebuuza ku bikwata ku nsonga eno ey'omusolo gye tubadde tukwasaganya. Ensonga eyo yagonjoolwa. Era njagala kubategeeza, ne ku ngeri gye yagonjoolwamu. Naye ndowooza, eyinza oba oli awo, okunneetaagisa okuddamu okugyogerako nate, ku Ssande ejja, kale n'olwekyo leka nnindire ddala okutuusa ku Ssande ejja. Ngezeeko okwogerako gye muli, enkya ya leero, okuva mu Kigambo. Mukiraba? Era ku Ssande ejja, nja—nja kugezaako, Katonda bw'anaaba ayagadde, okubannyonnyola byonna engeri gye byabaawo, mbalage na buli kimu ku bintu Mukama bye yayogera, era mulabe bwe byatuukirira ddala, buli kimu ddala nga bwe byayogerwa. Mukiraba? Tayogera kintu kikyamu n'ekimu.

13 Naye, kati, ekintu kimu kye nnandyagadde okwogerako enkya ya leero, oba oli awo kye ssijja kwogera, ku Ssande ejja, kikwata ku kintu ekyabaddewo olunaku lwa jjo. Amakya ga leero nnabadde mpulira ssaagala kujja wano, kubanga eky'amazima nnabadde nnyenjebuse okukamala, nga—nga mpulira ssaagala kujja. Naye nga bwe kiri nti ndi wano, kale, ŋŋenda kugezaako nga bwe nsobola.

14 Ekiro ky'okwosa eggulo, nnafuna abagenyi, Ow'oluganda ne Mwanyinaffe Sothmann, gwe tumanyi wano, omu ku bayima b'ekkanisa, ne mukyala we, bajja okutukyalira nze ne mukyala wange. Era twali twogera ku nkuŋŋaana ezigenda okubaawo mu Phoenix n'ebitundu ebiriraanyeewo, bwe kunaabeera nga kwe kwagala kwa Mukama. Era twalwawo okwebaka, ndowooza, twatuusa essaawa nga nnya n'ekitundu nga tukyatunula, era nnagenda okwebaka ku ssaawa nga ttano ez'ekiro.

15 Kati eyo mu kiro, ne ndoota ekirooto. Mu kirooto kino ne ndaba omuntu eyaliwo nga kitange mu kirooto; omusajja omunene, ow'ekiwago, nga ayoleka, kitange, kugeza bugeza. Ne ndaba n'omukazi, ye eyali tafaanana mmange; naye, ate, y'eyalina okuba nga mmange mu kirooto. Kati omusajja ono (eyalina okuba nga kitange mu kirooto, bba w'omukyala ono) yali amutulugunya, okutuusa nti yali akutte oguti ogunene, era yagiranga n'amukwatanga *bw'ati* n'amuggunda oguti guno, mukazi wattu n'agwa eri n'alambaala. Oluvannyuma—oluvannyuma, bwe waayitangawo akaseera, n'addamu n'asituka. Omusajja ono n'atambula ne yeetooloolamu awo, n'asinziira okuddamu okumuggunda, era n'addamu n'amuggunda. Kati nze nnali nneesuddeko akabanga okuva we baali, nga nnekkaanya ekigenda mu maaso.

16 Ekyavaamu, ne nneetamwa ekyali kikolebwa. Ate nnali

mutono nnyo ku musajja ono, eyali nga kitange mu kirooto. Kye nnava ntambula ne ŋŋenda gy'ali ne mmusongamu olunwe mu maaso. Ne mugamba nti, "Toddamu okumukuba." Mukiraba? Ekyo bwe nnakikola, ne wabaawo ekyabaawo. Emikono gyange ne gitandika okwepika, emifumbi gyange ne gigejja, ne giwaga. Ssirabanga mifumbi minene nga giri. Ne nkwata omusajja ku kitogi, ne mugamba, "Toddamu okumukuba. Bw'oddamu, ojja kummendegera k'oddamu n'omukuba." Omusajja n'antya, n'amuleka. Awo ne nzuukuka.

17 Kati, mba nkyali awo ngalamidde, mu kaseera katono, weewaawo, amakulu g'ekirooto ekyo ne ganzijira. Kyali kitegeeza, wewaawo, nti omukazi, eyali mu kirooto, ye Kkanisa, nga y'eringa maama. Ate taata nga kye kibiina ky'eddiini ekimufuga, ekifuga Ekkanisa, nga omwami bw'afuga mukyala we. Era nga ago ge maddiini gano agawuttula Ekkanisa eyo bwe gatyo, ne gatagiganya yadde okuyimirira ku magulu Gaayo. Nga, buli mulundi lw'Egezaako okusituka oba okubaako ne ky'ekola, nga bambi, abantu abagalimu, nga ekibiina ky'eddiini kiwuttula Ekkanisa nga kigizza ku ttaka. Era kitegeeza nti nnina okuteekako e—emifumbi egy'okukkiriza wano eno nsobole okusigala nga nsonze olunwe bwentyo, nga bwe ŋŋamba nti, "Ojja kummendegera. Okiraba?" Kubanga, abamu ku bantu abali mu madiini ago bantu ba Katonda. Kale ekyo kyali kirungi ddala. Ku . . .

18 Ndowooza, twali twakamala essaawa nga bbiri, oba ssatu nga tuzuukuse. Kati muwala wange, omu ku bawala bange, Rebekah, ali emabega wali, akola mu Ddwaliro ly'Abamesodisiti mu Louisville. Akola nga, ha, ali ku ddaala eryo erisookerwako mu kutendekebwa okufuuka nnansi. Ndowooza be bayita, "abayamba ku ba nnansi," oba ekyefaanaanyirizaako bwe kityo. Kati yali, yali . . . Baali bamuyise agendeyo ku makya, era eyo y'ensonga eyali enzuukusizza. Kale obudde bwali bukyali ku makya nnyo, era yali, ne banne abato bwe batendekebwa, bonna—bonna bakolera eyo, kale nnali ŋŋenda kubatwalako mu Louisville. Baali balina okutuukayo ku ssaawa nnya ez'oku makya. Kati mukyala wange yasigala yeebuuza lwaki yali tasobola kuyingira mu kisenge kyaffe mwe tusula. Kuba nnali nkisibye.

19 Kati, waliwo ebintu bingi ebintuuseeko mu bulamu bwange, naye nnali ssituukibwangako kintu nga kiri. Nnawaanyisibwa. Okuvvuunula kw'ekyabaawo sikumanyi. Ssifunangako kintu nga ekyo mu bulamu bwange. Naye, engeri gye kyandabikiramu, kyandabikira nga okwali okwolesebwa, era nga nnali mu kwolesebwa. Naye ate nnali njogera ne mutabani wange, Joseph. Ate, ataali mu kisenge mu kaseera ako. Naye mu ngeri emu, we kyantuukirako, nnali njogera ne Joseph.

20 Era na—natunula waggulu. Ne ndaba, obunyonyi, nga obuwanvu bwabwo buweza nga kitundu kya yinci, nga bukoze

ekifaananyi nga ekya piramiidi. Era bwali, waggulu ddala awasemba, ku matabi, waaliyo . . . ka ŋŋambe nga, busatu oba buna. Ate, ku liddako, ku ttabi eriddako nga kuliko nga munaana oba kkumi. Ate wansi ku ntobo, nga kuliko nga kkumi na butaano oba abiri.

21 Era bwali bulwanyi, kubanga obwoya bwabwo bwali butaaguddwataaguddwa, era bwalabikanga obwali bugezaako okwogera nange, nga buliko kye bwagala okuŋŋamba. Era nnali mu Bugwanjuba, nga walabika nga mu Tucson, Arizona. Ate bwo obunyonyi bwali butunudde Buvanjuba. Era nnali mpuliriza n'obwegendereza. Bwali bugezaako okwogera, bwali nga obwali bugezaako okubaako ne kye buŋŋamba. Era bwalina obwoya nga butono, nga bwonna butaaguddwataaguddwa, bwe butyo. Nga bwonna bambi bujjudde ebiwundu. Awo, mbagirawo, akanyonyi akamu ne katandika okutwala ekifo kya kannaako, nga bwe bugenda bubuuka *bwe butyo*. Ekyavaamu, mangu ddala obunyonyi obwo ne bubuuka, nga bwolekera ebuvanjuba.

22 Bwe bwabuuka, mu obwo ne muvaamu ebinyonyi ebibusingako obunene, nga biringa amayiba, nga birina ebiwaawatiro ebisongovu. Ne—ne—ne bijjira mu kibinja, mu bwangu obw'ekitalo, nga bibuukira ku bwangu obw'ekitalo ennyo n'okusinga obunyonyi buli kwe bwabuukira, nga bwolekera ebuvanjuba.

23 Naye nze nga nkyali mu . . . mu kutegeera kwange okw'ebyali bigenda mu maaso ku njuyi zombi, nnali nkimanyi nti nnyimiridde wano, nga era nkimanyi nti waliwo n'awalala wendi. Mukiraba? Era mu nze nnali ŋŋamba nti, “Kuno nno, kwolesebwa, era kino nteekwa okutegeera kye kitegeeza.”

24 Era ekibinja eky'okubiri eky'ebinyonyi olwali okuyitawo kiti, ne ntunula Ebugwanjuba. Ne ndaba ekyali nga mu nkula eya piramiidi, nga balinga babiri babiri ku ludda, n'omulala ku ntikko, ne wajja Bamalayika bataano abasingayo okuba ab'amaanyi be nnali ndabye mu bulamu bwange. Nga babuukira ku misinde emiyitirivu ennyo, gye ssirabangako. Nga emitwe Gyabwe bagyolekezza gye balaga, n'ebiwaawaatiro Byabwe nga byegolodde, nga baseeyeeya ku misinde egy'ekitalo! Awo amaanyi ga Katonda Omuyinza wa byonna ne gantomera mu ngeri ey'amaanyi ennyo, okutuusa okuba nti gansitula ne ganzija wansi, ne gannyimusa okuva ku ttaka ne gantwala waggulu, mu bbanga.

Joseph nnali nkyamuwulira nga akyayogera.

25 Ne wabaawo eddoboozi nga eribaawo nga obotodde n'osukka omuziziko gw'amaloboozi, o—okuwuuma okwo okw'amaanyi ne kuwulikika nga kuva wala, eri mu Bukiikakkono. Kati bwe nnasitulibwa waggulu . . . Ate Bamalayika baali babuukira ku misinde emiyitirivu ennyo!

Nso—nsobola n'okubalaba kati kati, olaba, nga—nga Bwe baali bajja, mu nkula eyo bwe *batyo*, nga boolekedde gyendi.

26 Kati, wano nnali ssiri mu kuloota, kati. Nedda. Nnali awo wennyini, nga ndaba n'amaaso gange nga bwe ndaba kati. Mukiraba?

27 Naye ky'Ajja. Ate emisinde kwe Baali babuukira gyali miyitirivu nnyo, okutuusa mu nze bwe nnalowooza, bwe Kyansitula waggulu. . . Nnawulira okubwatuka okwo, nga kulinga, manya kyawulikika nga awaaliwo okubwatuka, nga okubaawo nga obotodde n'osukka omuziziko gw'amaloboozi. Era bwe kwabaawo, mu nze ne ŋŋamba nti, "Kati, kino kyandiba nga kitegeeza nti nnaatera okufa, okiraba, nti wagenda kubaawo engeri y'okubwatuka mwe ŋŋenda okufiira." Kati—kati ne. . . Ebyo mba nkyabirowooza, ate ne ŋŋamba muli nti, "Naye nedda, tekisoboka kuba nti ekyo kye kitegeeza. Kubanga, ssinga mbadde wa kuttibwa kubwatuka okwo, ne Joseph, kwandibadde kumutwaliramu. Kubanga, wuuyo, akyayogera, nga alowooza wendi. Nsobola okumuwulira. N'olwekyo ekyo ssi kye kitegeeza."

28 Kati, bino byonna bikyali mu kwolesebwa. Tebyali. . . Mukiraba? Byali mu kwolesebwa.

29 Kati awo mbagirawo, bwe nnakitegeera nti nnali. . . Baali banneetoolodde. Nnali ssisobola kubalaba, naye nnali nsituliddwa mu nsengeka eno eringa piramiidi gye Baali bakoze, mu nsengeka eno eya—eya Bamalayika, abataano. Muli ne ŋŋamba nti, "Kati, singa abadde Malayika wa kufa yandibadde omu yekka. Naye ttaano muwendo gwa kisa." Nga ebyo bye ndi mu kulowooza. Oluvannyuma ate ne ndowooza ku kino nti, "O! Ba—Bazze na Bubaka bwange. Eyo y'entikko y'obuweereza bwange ey'okubiri. Bazze kundeetera Bubaka kuva eri Mukama." Ne ndeekaanira waggulu n'amaanyi gange gonna, nnyo ddala nga bwe nnali nsobola ne ŋŋamba, "Ayi Yesu, kiki ky'Oyagala nkole?" Bwe nnaleekaana bwentyo, ne Ki—ne kibula ne kinvaako.

30 Si—si—sinnaddamu kuwulira nga ndi mu mbeera zange, kasookedde kibaawo. Mukiraba? Olunaku, lwa jjo lwonna, nnawaliriziddwa okulumala mu nnyumba, nga mpulira sseetegeera bulungi. Nga ebirowoozo byange si bitangaavu bulungi. Kubanga ekitiibwa kya Katonda kiri n'amaanyi byampitiriirako! Nnasigala nzenna nsannyaladde, we Kyanviirako. Nnagezaako okukunya engalo zange. Ne ntuuka n'okuwulira nti, "Ssisobola na kussa bulungi." Ne ntambulatambula awo, mu kisenge, nga bwe nzira eno n'eri. Nga bwe nneebuuza muli nti, "Mukama, kitegeeza ki? Kitegeeza ki?" Bwe nnamala, ne nnyimirira. Ne ŋŋamba nti, "Mukama Katonda, omuddu Wo. . . Ki—kinnemye okutegeera. Kibadde

kitegeeza ki? Kibadde kiki ekyo? Kintegeeze, Mukama." Kati, a . . .

31 Ssiyinza kubannyonnyola, bwe ŋŋamba nti, "Amaanyi ga Mukama." Tewali ngeri gy'oyinza kugannyonnyola. Ssi kye kino kye muwulira wano, mu mikisa. Egyo mikisa gya Mukama. Naye kino kyo kintu kitukuvu bya nsusso! Ha, bannange! Ki—kisukkuluma ekintu kyonna omuntu ky'ayinza okufumiitiriza. Mukiraba? Era kya—era kyantawaanya, nnyo ddala. Teki . . . Tegubeera mukisa gy'oli. Kikumalako bumazi mirembe. Otawaanyizibwa. Mukiraba? Bwe kiri. Ssinga obadde osobola . . .

32 Otawaanyizibwa n'otuuka okugamba nti singa nsobola okufuna engeri gye nnyinza okutegeezaamu abantu kiki kye kyali, oba kye . . . bwe kyali kiwulikika! Tekibeera, tekibeera nga kutuula butuuzi wano, n'owulira nga oyagala okujaganya. Naye ki—kintu ekireetera buli kasuwa mu ggwe oku . . . Kisukka ku kutya. Kisukka ku kwekanga. Kutoowazibwa okutukuvu. Okwa . . . Si . . . Tewali ngeri gye kiyinza kunnyonnyolwa. Okutuusa, nti, omugongo gwange gwonna, omugongo gwonna okuva waggulu okutuuka mu kiwato, mu ngalo zange mwonna, ebigere byange byonna n'obugere, omubiri gwange gwonna gwali gusannyaladde, olaba, nga olinga—nga olinga avudde mu nsi, n'obaako awantu awalala w'ogenda. Era—era enneewulira eyo yagenda envaako, mpolampola, naye nga bwe ŋŋamba—nga bwe ŋŋamba Mukama nti, "Tonnyambe n'Ombuulira kye kitegeeza, Ayi Katonda?"

33 Ndowooza, ekyali, kisemberedde okuba eky'amaanyi bwe kityo, kyabaawo lwe nnali e Zurich, mu Switzerland, ku mulundi guli lwe Yandaga Empungu eri ey'omu Bugirimaani nga yeekaliriza omugoba w'embalaasi Omungereza eyali ajja nga ayita mu Afirika. Era n'Agamba nti, "Bonna baayonoona ne batatuuka ku kitiibwa."

34 Era nnali nkaabirira Mukama, nga mmusaba annyambe. Nga—nga njagala Ampe amakulu gaakyo, kubanga nnasigala nneebuuza oba kyali kitegeeza—oba nga kyali kitegeeza nti ŋŋenda kuvaawo, nti ŋŋenda kuttibwa. Era kiba kuba nga kye kyali kitegeeza, ab'omu maka gange nnali ssigenda kukibagambako yadde. Ekiseera kyange kituuse okugenda Eka, tewali buzibu, nja kugenda bugenzi Waka, kye kyokka. Naye ssinga—ssinga kye kyali kitegeeza, ab'omu maka gange nnali ssaagala kukibagamba, nnali ssaagala bakimanyeeko. Nnali njagala kibeewo, kibe—nga kiwedde.

35 Kati ne ŋŋamba nti, "Mukama, nnyamba. Ssaagala kukigamba ba mu maka gange, bw'o—bw'Obeera nga . . . Kino, kitegeeza kuyitibwa kwange okugenda Eka, kale, nja—nja kuba ŋŋenda." Olaba. Ne ŋŋamba . . . Era, omanyi, obeera . . .

36 Oyinza okumbuuza nti, “Kati, lwaki tewalowooza ku bye wayogera mu kwolesebwa, okwolesebwa bye kwagamba?”

37 Naye mu mbeera eyo tosobola kulowooza ku bintu nga ebyo. Obeera. . .Amazima go gali nti, nze ssisobola. Era nnalowooza. . .Nzenna nnali ntabuddwa, nga nneeraliikiridde. Obeera tomanyi na kiki kya kulowooza. Obeera tosobola na kulowooza.

38 Kale nnagamba nti, “Kitaffe ow’omu Ggulu, ekyo bwe kiba kibadde kitegeeza nti—nti ŋŋenda kuttibwa kubwatuka, kale, nsaba okintegeeze kati, nneme kukyogerako. Leka ekitiibwa Kyo n’amaanyi biddemu binzikeko, biddemu binnyimuse waggulu. Manyanga, leka ekitiibwa Kyo kinzikeko, olwo nna—nnaategeera nti kibadde kitegeeza—kitegeeza ekyo, nsobole okukyesigaliza nneme kubaako gwe nkigamba.” Naye tewali kyabaawo.

39 Kye nnava ŋŋamba nti, “Kati nno, Mukama, bwe kiba kibadde kitegeeza nti Ogenda kusindika Ababaka Bo olw’omulimu gwange gwe nnina okukola, kale leka amaanyi Go gakomewo nate.” Kaabula kata ganfulumye ekisenge mwe nnali!

40 Wadde, nna—nnagenda okuddamu okutegeera, nga Bayibuli yange ngikutte mu ngalo, mu kaseera ako, olaba, nga nsaba Katonda kunnyamba. Era bwe nnamusaba, n’A—n’Abaako ne ky’andaga mu Byawandiikibwa, ekikwata ku nsonga eyo yennyini, awo wennyini. Muli ne nneebuuza nti, “Ddala ekyo kiyinza kitya okuba bwe kityo? Ekyo nkikoze ntya?” Nedda, bannaaye, ebintu bino ssi—ssisobola kubinnyonnyola, ab’emikwano. Bisuusse okutegeera kwange. Mukiraba?

41 Mukyala wange mukazi wa njawulo nnyo, y’omu ku basingayo okuba ab’embala mu nsi. Naye, bwe waayitawo akaseera, ebyo ebyabaawo ssirina kye nnabyogerako. Nnasirika busirisi. Naye yakimanya nti waliwo ekyali kibaddewo. Kati bwe nnamunyumiza, n’aŋŋamba nti, “Nkubuulire, Bill, nkulaba era nkuwulira, mu bintu ebyo bingi.” N’agamba nti, “Okimanyi nti nkukkiriza n’omutima gwange gwonna,” bw’atyo bwe yagamba. N’agamba nti, “Naye ekyo ddala kirina kye kyali kitegeeza.”

42 Kinkankanya n’okunkankanya, bwe nkijjukira, okubwatuka okwo ne Bamalayika okujjira ku misinde emiyitirivu bwe gityo, bamalayika bataano balambirira, mu—mu nsengeka eyo. Nga kiringa, nga kifaananamukko ne—n’ekifaananyi kya piramidi kye nnakuba wano, olaba, baalabika nga, mu kusooka, baalabika nga, nga e. . .mu kubalengerera ewala, balabikamu nga langi eyo ey’amayiba. Era baali mu—mu kujja baali bava *eno* bwe bati. Nga bali, baalabika nga abaali mu nsengeka bw’eti nga bali, omu, babiri; basatu, bana; n’omulala omu ku ntikko, mukiraba, be bataano. Era bajjira ku misinde emiyitirivu

ennyo! Tewali kintu kyonna, tewali nnyonyi, tewali kintu kyonna ky'oyinza kugeraageranya ku misinde *giri*.

43 Mbalaba n'okubalaba kati, nga emitwe gyabwe giringa egitunudde erudda. N'ebiwawaatiro ebyo nga bigoloddwa, nga bali bulindaala, ne bajja, ku misinde emiyitirivu be "Wuuu!" Bwe *batyo*. Ne bakka wansi, ne bansitula ne banteeka mu nkula eno nga eya piramiidi ey'ensengeka gye baali bakoze. Ne nneeraba nga nsituddwa, okuva ku ttaka. Muli ne ndowooza nti oba oli awo... Ne mpulira, okuwuuma okwo, nga kuva walako okuva we nnali nga kugira be "Wuuum!" Nga okubaawo e—e—ennyonyi bw'ebotola n'essuka omuziziko gw'amaloboozi, mwali mukuwuliddeko, okuwuuma okwo okuwulikika nga okuva ewala.

44 Munda mu nze ne ndowooza nti, "Kati kino kyandiba nga kitegeeza, nti okwolesebwa kuno bwe kunvaako, nti ŋŋenda kuttibwa okubwatuka oba ekintu eky'engeri eyo." Ne ndowooza muli nti, "Kuba kati nzuuno. Nsituliddwa waggulu. Ndi... nabo, balina wano eno we bali, ndi—ndi mu, mu piramiidi ya Bamalayika eno wano. Naye, ssi—ssimanyi. Oba oli awo Mukama ajja kuntwala Waka."

Mu kaseera ako ne mpulira Joseph wansi eri, nga ampita nti, "Taata?"

Muli ne ŋŋamba nti, "Nedda, singa kibadde nti ŋŋenda kuttibwa kubwatuka, okubwatuka okwo kwe kumu naye kwandimusse."

45 Awo Ekintu ne kiŋŋamba nti, "Ggwe..." Mujjukire nti, nnindiridde, nneetegekera Obubaka bulijjo bwe nnindiriddenga okujja, nnina kye nnindiridde.

46 Kati n'okwolesebwa, kwe nnabagamba luli, nga bwe mumanyi, kwe nnafuna gye buvuddeko, nga kuntegeeza ebyali bigenda okubaawo, nga bwe nnali mbuulirira mu, nga nsinziira ku njuba, nga mbuulira mu kifo kino. N'a—n'Aŋŋamba nti, "Kati jjukira nti, entumbiiri y'ekitundu eky'okubiri tennatuuka."

Mu nze ne ŋŋamba nti, "Wajja kubaawo Obubaka."

47 Mujjukira Obubaka bwange wano? Ku kubembulwa kw'ejjinja eryo ery'oku ntikko, mwe nnayogerera, ku maloboozi ago omusanvu n'obubonero ebitaawandiikibwa na mu Kigambo kya Katonda. Mubujjukira? Ne kunnyingiza munda mu piramiidi eyo.

48 Kati Junie Jackson, bw'oba w'oli, ekirooto kiri kye waŋŋambako gye buvuddeko. Ssijja kukyogera amakya ga leero. Wali... Katonda yakyolekera ddala mu ngeri yennyini nga bwe kiri. Era nkusaba onsonyiwe olw'obutakubuulira makulu gaakyo; kubanga, nnina kye nnalaba kigenda mu maaso.

J. T., naawe ekintu kye kimu, olaba. Era na—na—nnali nkimanyi.

Ne Mwanyinaffe Collins, ekintu kye kimu kyennyini. Mukiraba?

Kati ebirooto mukaaga ebyo byonna, nga bisonga ku kintu kye kimu.

49 Kati ssaako n'okwolesebwa mwenna kwe nnabagambako, emyaka mingi egiyise, kwakatuukirira jjuuzi wano. Mukiraba? Kwe nnabagamba okwali okw'okubaawo.

50 Era kati biibyo, awo, buli kimu nga kigenda kirabisibwa mu lwatu. Waliwo ekigenda mu maaso. Ssimanyi kiki kye kiri. Naye nsaba kimu kyokka nti; Katonda annyambe.

Leka tusabe.

51 Kitaffe ow'omu Ggulu, tuli—tuli bantu buntu, era tuutuno tuyimiridde wano enkya ya leero. Era, Mukama, ndi... Ggwe wantuma okukulembera ekisibo kino ekitono n'ekkanisa eno. Naye kaakano amagezi ganneesibye. Ssimanyi kkubo ki lya kukwata, kiki kya kukola, wa aw'okulaga, na kiki ekiddako. Naye ekintu kimu kye mmanyi, kiri nti, Wagamba nti Olireetera "ebintu byonna okukolera awamu ku lw'obulungi eri abo" abakwagala era abaayitibwa nga okuteesa Kwo bwe kuli. Nkusaba, Ayi Katonda, omukono Gwo ogw'amaanyi gutubeereko.

52 Mazima ddala tumanyi nga Ggwe Katonda. Era tumanyi nti Ggwe toli oyo eyaliwo mu nnaku ezaayita, wabula ne leero Okyali mulamu. Ggwe okuva edda n'edda obaddenga Katonda. Ggwe bulijjo ojja kusigala nga oli Katonda. Wali Katonda nga ebiseera tebinnabaawo, era Olibeera Katonda ebiseera ne bwe biriba tebikyaliwo. Olisigala oli Katonda.

53 Era tuli mu mikono Gyo, ayi Mukama. Ffe tuli bbumba, Ggwe Mukozi, Omububumbi. Tukusaba bumba obulamu bwaffe, ayi Mukama, mu ngeri enaavaamu obuweereza obulungi obunaakuweesa ekitiibwa. Kitukolere, ayi Kitaffe. Tuli mu mikono Gyo.

54 Twali tetusobola kwereeta wano, era tetumanyi ngeri ki gye tulivaawo. Naye ggwe Mukama, Ggwe watuwa obulamu, era Ggwe...Obulamu bwaffe tubukuddiza, era, mu ngeri y'emu, naawe obuwaanyisizzaamu, n'Otuwa Obulamu Obutaggwaawo. Ogwo gwe mukka okukkiriza kwaffe gwe kussa mu bulamu bwaffe. Era tukwagala olwa kino, kubanga tukimanyi nti lumu tulikulaba, era Olibeera mu kitiibwa Kyo. Era tulimutunuulira Oyo. Era tuyaayaana okuwulira ebigambo ebyo nti, "Weebale emirimu, ggwe omuweereza Wange omulungi era omwesigwa. Yingira mu ssanyu lya Mukama, eryakutegekerwa okuva ku kutondebwa kw'ensi." Okutuusa ekiseera ekyo, Ayi Katonda, ffenna lwe tulisisinkana, tukulembere.

Tuli baweereza Bo, era tusaba okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe.

55 Okwolesebwa kuno okw'amaanyi okunzijiranga, ayi Mukama, omuweereza wo kumususseeko. Ssimanyi kya kukola. Kimu—kimu kyokka kye mmanyi nti kujja. Era nnyinza kwogera ebyo byokka bye mba ndabye, ne bye kuba kwogedde. Naye ebiseera ebimu kuntiisa, Mukama. Ne—ne ntuuka n'okwebuuza kiki kye mba nkola.

56 Ne nkwata Bayibuli ne nsoma ku butya Isaaya bwe yawulira ku lunaku olwo bwe yali mu yeekaalu, bwe yalaba Bamalayika abo, n'ebiwaawaatiro nga bibisse ku bigere Byabwe. Musajja wattu tekyewuunyisa yakaaba n'agamba nti, "Zinsanze nze! Kubanga amaaso gange galabye ekitiibwa kya Mukama."

57 Era kyali mu kaseera ako nnabbi we yakaabira n'eddoboozi ery'omwanguka: nga amaze okulongoosebwa mu yeekaalu, Malayika bwe yakwata nnamagalo n'atoola eryanda ly'Omuliro n'aliyisa ku mimwa gye; bwe yali amaze okwatula nti muntu alina emimwa egitali mirongoofu, era nga abeera, mu bantu abatali balongoofu. Ate nga, yali nnabbi. Malayika yakwata nnamagalo n'atoola eryanda ly'Omuliro n'alimuyisa ku mimwa, n'amugamba nti, "Kati genda, olagule."

Mukama Katonda, Isaaya yakaabira waggulu n'eddoboozi ery'omwanguka n'agamba nti, "Nzuuno, ayi Mukama. Ntuma."

58 Bwe, Yabuuza nti, "Ani anaagenda ku lwaffe?" Eri omulembe ogwo ogwali omubi era ogwakyama!

59 Ayi Katonda, leka n'era kiddemu. Leka kiddemu kibeewo, Ayi Mukama. Sindika Omwoyo Omutukuvu ajje n'Omuliro ogulongoosa. Kubanga, njatula, nga ndi muntu ow'emimwa egitali mirongoofu, era nga ntuula mu nsi eno wamu n'abantu abatali balongoofu. Era tetuli balongoofu mu maaso Go, ayi Mukama. Naye, oo, ssindika amaanyi agalongoosa, Omwoyo Omutukuvu! Tulongoose, Ayi Mukama. Longoosa omuweereza Wo, Mukama.

60 Bw'omala oyogere, ayi Mukama. Omuweereza Wo awuliriza. Njaayaana okuwulira Eddoboozi eryo. Ndi Wuwo. Nkozesa, ayi Mukama, nga bw'Olaba kisaanidde, nga bwe nneeyala ku kyoto Kyo. Leka Omwoyo Omutukuvu annongoose, ayi Mukama; era anfukeko amafuta era antume ŋŋende, ayi Mukama, bw'Obeera weetaaga ow'okugenda, era kino bwe kiba nga kye kiseera era nga ke kadde.

61 Ssi—ssimanyi, ayi Mukama. Kyokka kye—kye mmanyi kiri nti Bamalayika abo nnabalaba. Era ebintu ebyo Ggwe omanyi nga Mazima gennyini. Era nsaba, ayi Mukama nga ŋŋamba nti, "Zinsanze nze," n'olwekyo nnyamba.

62 Era kaakano wa omukisa abantu bano. Era tuli wano leero, nga wabulayo ennaku mbale okutuuka mu kiseera kino

eky'okujaguza kw'amazaalibwa ga Mukama waffe. Tukusaba Otuyambe.

63 Era enkya ya leero, omuweereza Wo, Muganda waffe Neville, awulidde nti ob'oly'awo kano ke kaseera awummulemukko, era ob'oly'awo nze mbuulire. Era nku—nkusaba Onnyambe kaakano.

64 Waliwo abali wano, ayi Mukama, naffe ffenna wamu, tukwetaaga. Na bwe kityo tukusaba kaakano Otuwe omukisa nga bwe tusoma Ekigambo Kyo n'okufumiitiriza okumala akaseera. Leka Omwoyo Wo atukkeko, ayi Mukama. Era tulongoose otukoleeze tubeere ku Muliro, n'Omwoyo Omutukuvu, n'Obubaka bwa Katonda, nga busu okuva ku wolutaali, okusobola okunyeenya ensi eri mu kufa, nga tennasisinkana Katonda oyo omukulu Ataggwaawo. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu, Omwana We omwagalwa, era Omulokozi waffe. Amiina.

65 Kati njagala okubasaba ebirowoozo byammwe okubyolekeza Ebyawandiikibwa ebitonotono bye nnina wano, n'eby'okujulizaako ebitonotono, bye nnawandiise.

66 Era nzikiriza, Doc, manyanga Billy, oba omu ku bo yaŋŋambye, nti baagala tumalirize nga bukyali, olw'abaana abato. Balinawo ebirabo ebitonotono bye baabategekedde.

67 Mmwe abaana abato abaakamaliriza okusaba kwammwe okwa Ssande sukuulu, mu—musigaleeko wano, katono. Bye twogerako wano biyinza okubeera eby'obuziba ennyo gye muli, naye mu—mugira mukyatudde awo ne maama ne taata, okumala akaseera katono. Njagala kwogerako gye bali.

68 Kati, ka tubikkule mu Zabbuli, Zabbuli ey'e 89, njagala nsomeyo olunyiriri nga lumu oba bbiri, okuva mu Zabbuli ey'e 89. Ŋŋenda kugezaako okusoma ennyiriri olwa 50, olwa 51, n'olwa 52 okuva mu Zabbuli ey'e 89.

69 Kati, muwulira bulungi mmwe abali emabega eri awasemba, muwulira bulungi? Bwe muba muwulira bulungi, muyimuse ku mikono. Nsobole oku. . . Kaluwa aka. . . Obuzindaaalo buno bwonna kwebuli? [Waliwo ow'oluganda addamu nti, "Ssimanyi."—Omuk.] *Kano* ke kasinga, oba *kano*? *Kano* eno? *Kano* eno? ["Buno obubiri obuli ku mabbali kwebuli."] Wano eno, *buno* obubiri obuli ku mabbali? ["*Kano* eno, na *kano,* na *kano*."] Kale.

70 Ssimanyi oba nga okubuulira kuno banaakukwata ku lutambi oba nedda. Lukuŋŋaana olwabadde lutasuubirwa enkya ya leero.

71 Naye kati temwerabira, mwanirize mikwano gyammwe gyonna. Ate nja—njagala mukakase, nti waakiri mwenna, mugezeeko okubeerawo mu lukuŋŋaana ku Ssande ejja.

72 Ndowooza, mu bbanga eritali lya wala ekkanisa bajja kuba bagimalirizza. Era nja—nja kukomawo olw'ensonga eno, mbuulire Obubonero obwo Omusanvu, bwe kunaaba nga kwe kwagala kwa Katonda, nga mbubuulira okuva mu Byawandiikibwa wano.

73 Mu Kitabo kya Zabbuli, essuula ey'e 89, okutandikira ku lunyiriri olwa 50. Kaakano muwulirize bulungi nga Ekigambo kisomebwa.

*Jjukira, Mukama, abaddu bo bwe bavumibwa; bwe nsitula mu kifuba kyange ekivume eky'amawanga gonna ag'amaanyi;*

*Abalabe bo kye bavuma, Ayi Mukama; kye bavuma ebigere by'oyo gwe wafukako amafuta.*

*Mukama yeebazibwenga emirembe n'emirembe. Amiina, era Amiina.*

74 Njagala okwogerako gye muli okumala akaseera katono ku. . .Okusooka, ekyo njagala mukirambe, era mukisome nga mukiddiŋŋana, emirundi egiwerera ddala. Oba ne mu kaseera kano kennyini leka tuddemu tukisome. Kati muwulirize n'obwegendereza. Mukiraba?

*Jjukira, Mukama, abaddu bo bwe bavumibwa; bwe nsitula mu kifuba kyange ekivume eky'amawanga gonna ag'amaanyi;*

*Abalabe bo kye bavuma, Ayi Mukama; kye bavuma ebigere by'oyo gwe wafukako amafuta.*

*Mukama yeebazibwenga emirembe n'emirembe. Amiina, era Amiina.*

75 Mukyekenneenye n'obwegendereza, nga Dawudi bw'akyogedde. Njagala okukozesa omutwe gw'eky'okuyigako. . .Nate era mutwe ogw'eky'okuyigako ogutali gwa bulijjo n'akatono, bwe kuba kubuulira ku bikwata ku Ssekukkulu; naye nga bwe nnabuulira Ssande ewedde ku ky'okuyigako ekitali kya bulijjo. N'okukyerabira nkyerabidde. Kyali kigamba nti. . .[Waliwo ow'oluganda agamba nti, "*Ensi Esasika.*"—Omuk.] Nziriraamu? ["*Ensi Esasika.*"] Okusasika: *Ensi Esasika.*

76 Kati Ssande ya leero, njagala okukozesa omutwe ogw'eky'okuyigako ogugamba nti: *Ekivume Ku Lw'Ekigambo.* Kati leka nkiddemu nate, kiwulirwe bulungi. E. . .*Ekivume Ku Lw'Ekigambo.*

77 Katonda alina ebiro, n'ensonga lwaki birina kuba biro ebyo, okusobola okutuukiriza Ebigambo Bye byonna. Katonda abeera amanyi bulungi kyennyininnyini ky'Agenda okukola. Ffe tuba tetukimanyi. Tulina kukyaniriza bwaniriza nga Bw'aba akituwadde. Naye, Ye aba akimanyi, era tewali n'ekimu kigenda kuwaba mu ebyo by'A—by'Ateekateeka okukola. Byonna birina

okutuukirira. Wateekwa okubaawo, ebiseera ebimu, ebintu ebizibu era ebikakali, naye nga bigendereddwamu kimu kyokka kuggyayo nkula eri yennyininnyini, ey'ekintu ekyo entuufu.

78 Omanyi enkuba eva mu bire ebitabanguse, ebitaaguddwataaguddwa, okumyansa, n'okubwatuka. Ate ssinga tetwalina nkuba, tetwandibadde balamu. Naye mulaba kye kyetaagisa okusobola okuleeta enkuba? Walina okubaawo okubwatuka kw'eggulu, okumyansa, ebimyanso, n'ekiruyi. Era ebyo bwe bibaawo omwo mwe muva enkuba.

79 Ensigo eteekwa okufa, n'evunda, n'eyonooneka, n'ewunya, n'eddayo mu nfuufu y'ensi, okusobola okuleeta obulamu obuggya.

80 Zzaabu ateekwa okukubibwa, nga bw'akyusibwa emirundi n'emirundi, erudda n'erudda, n'akubibwa okutuusa nga amasengere gonna gamuweddemu. Ssi kutuuka kuba nti amasamasa, kubanga n'ejjinja erya kkalwe, gwe bayita zzaabu w'abasiru, nalyo limasamasa nga zzaabu yennyini omutuufu. Naye, byombi bw'obiteeka awamu. . . buli kimu bw'okiteeka ebbali n'obyawula, kiyinza okkukaluubirira okumanya enjawulo wakati wabyo, naye bisembeze biriraanigane, ojja kusobola okubyawula. Era oyo abeera akuba zzaabu oyo abeera alina okumukuba okutuusa lw'a—lw'alaba ekifaananyi kye mu zzaabu oyo.

81 Era Katonda agereka ebiro era alina ekigendererwa eri buli kintu ky'Akola. Tewali kibaawo mu butanwa eri abo abaagala Mukama era abaayitibwa okusinziira ku kuyita Kwe. Mukiraba? Twateekerwateekerwa. Era buli kimu kyonna kitambula nga bwe kirina okutambula, olw'ensonga eyo, kubanga Ye tasobola kulimba. Era Yagamba nti bwe kityo bwe kiri, nti buli kintu kirina ekiseera kyakyo, entuuko zaakyo, era kirina engeri yaakyo. Era Katonda y'ali emabega wa buli ekigenda mu maaso. Kati oluusi ogenda n'olowooza nti buli kimu kitabanguse. Ebyo ffe tubiraba bwetutyo. Ebintu ebyo bikkirizibwa ne bitubaako, ebigezo n'ebintu ebituleetera okwewuunaganya. Bibaawo kutugezesa, kulaba bwe tunaakola nga bibaddewo.

82 Gye buvuddeko, engulu eri mu Vermont, Ow'oluganda Fred nange twasaabala ne tugenda ku ludda lwa New York, emitala w'Ennyanja Champlain, era twali tutuuse ku ludda olwa New York. Ne nnyambuka waggulu ku lusozi awali, waggulu ku Lusozi Hurricane, gye nnateranga okugenda okuyigga. Era mba ndi eyo ne nzijukira lwe nnabula, n'engeri Katonda gye yankulemberamu okudda, nga Mwoyo Mutukuvu yekka y'ankulembera, okuyita mu muyaga ogw'amaanyi. Gye, nnandifiiridde, ne nsaanawo, ne mukyala wange ne Billy nabo ne bafiira eyo, mayiro empitirivu wansi eyo gye baali mu ka weema. Naye ne nkyusibwa ne ndagibwa ekkubo ery'okukwata.

83 Kati waaliyo omuzira omutonotono gwe twayitamu, okusobola okutuuka we twasiisira, mu biseera nga akasana k'akatandika okudda. Era nnali nnyimiridde awo nga njogera n'Ow'oluganda Fred, Omwoyo Omutukuvu kwe kuŋŋamba nti, "Weeyawule obeere wekka." Ne nneemululamu katono ne nnyingira mu kasiko, awo. N'aŋŋamba nti, "Waliwo omutego ogukutegeddwa. Kati weegendereze." Naye teyaŋŋamba bwe nnina kwegendereza, na kiki kye mba nkola. Bwe nnakomawo ne mbuulirako Ow'oluganda Fred.

84 Ku olwo akawungeezi ne ŋŋenda mu kkanisa mwe twali tukuŋŋaanira, ne nkitegeeza abantu. Era ekiro ekyaddako ne kibaawo. Mba nnyimiridde awo n'Aŋŋamba, lwe waaliwo abaali beeyisa mu ngeri eweebuula, Yaŋŋamba nti, "Eky'okukola kiri gy'oli. Bakole nga bw'oyagala. Kyonna ky'oyogera, kigenda kutuukirira mu kaseera kano kennyini."

85 Kiikyo. Kyaliwo olumu, bwe waaliwo abaali beeyisa mu ngeri etyoboola, ey'obutassaamu Katonda kitiibwa, abaali bajolonga n'okuŋŋoola olukuŋŋaana, abavubuka omulenzi n'omuwala. Omulenzi yali agezaako okweyisa mu ngeri eby'obugwenyufu okukola omukwano n'omuwala ono awo wennyini mu kizimbe; nga buli omu alaba, bwe nnali ngezaako okubuulira. Nga bw'agira n'amukwata ku mutwe n'amusembeza gy'ali n'amuweeweeta okutuuka waggulu mu bisambi, n'amuwunzika omutwe gwe n'agezaako okumunywegera, ne bagenda mu maaso n'okwejeeguula mu ngeri eyo mu lukuŋŋaana, nga buli omu alaba.

86 Omwoyo Omutukuvu n'aŋŋamba nti, "Kati ali... Eky'okubakola kiri gy'oli. Ogenda kubakolera ki?"

87 Ne wabaawo akasiriikiriro ak'embeera ey'omwoyo. Buli muntu n'asiriikirira be cce. Muli ne nneebuuza nti, "Ayi Katonda, nkole ki?"

88 Mu kaseera ako ne nzijukira, ssinga tekwali kulabulwa kwa Mwoyo Mutukuvu, ennaku bbiri nga tekinnabaawo. Ne ŋŋamba nti, "Mbasonyiye." Kati, ekyo kye yali Ayagala njogere. Okiraba?

89 Kubanga, ndaba, na—nange omusango bulijjo gunsinga, oba oly'awo nga tegunsinga lwa kukola ekyo, naye era nga gunsinga. "Ate oyo amenya etteeka erisembayo obutono aba azzizza omusango gw'okumenya gonna."

90 Kale nnabagamba nti, "Mbasonyiye." Era waliwo n'abajulizi abatudde wano we twogerera, abaaliwo ku olwo. Era ekyo bwe nnakyogera Omwoyo Omutukuvu n'akka n'ayita mu kizimbe.

91 Kati, mulaba, nzikiriza nti ebintu bino byonna byali birina kye bitegeeza. Ssinga obadde n'amaanyi kiki kye wandigakozesezza? Wandikoze otya, olaba, wandyanukudde mu ngeri ki singa wabaawo ekibaawo? Ssinga ekintu kiba kikoleddwa, wandyanukudde otya eri ekyo ekiba kikoleddwa? Mutegeera kye ntegeeza? Wandikoze ki? Era kati oba oli awo

bino byonna ebizze bibaawo bye bitutuusizza we tuli kati. Ssimanyi. Ssi—ssiyinza kugamba nti bwe kiri. Naye bulijjo wabaddengawo engeri . . .

92 Ate mujjukire nti, ekivume ky'e—ky'Ekigambo ki . . . Ekigambo olubeerera kibaddenga kigenderako ekivume. Okuyita mu mirembe gyonna, Ekigambo kya Katonda ekifukiddwaako amafuta lubeerera kibaddenga kivumibwa. Era eyo y'ensonga lwaki kizibu nnyo eri abantu abatakitegeera ekyo, okumanya engeri y'okusembezaamu ekivume ekyo kibabalirweko.

93 Mujjukira abayigirizwa bwe baakomawo nga bajjudde essanyu kubanga baakiraba nti baali bagwanyiziddwa okugumira ekivume ky'Erinnya Lye? Yagamba nti, "Abo bonna abatambulira mu kutya Katonda mu Kristo bajja kuyigganyizibwa," ekivume olw'Ekigambo.

94 Bulijjo oteekwa okugumira ekivume kino okusobola okulaba, engeri y'okuyita mu kugezesebwa kwo. Buli muntu yenna ajja eri Kristo ateekwa okusooka okutendekebwa ng'omwana bw'atendekebwa, olw'e—olw'ekigendererwa Katonda kye yakuteekateekera okutuukiriza. Ate jjukira nti, kisingako ssinga osirika busirisi! Jjukira nti, kino bw'Abeera nga kye yakuyitira okukola, tewali kintu kyonna kiyinza kukiziyiza kubaawo. Emizimu gy'omu ggeyeena gyonna ne bwe gyegatta awamu, tegiyinza kuziyiza Kigambo kya Katonda kulabisibwa. Wazaalibwa lwa kigendererwa, era tewali muntu yenna ayinza kutwala kifo kyo. Oyinza okubeera n'abakugeegeenya n'abalala aba buli ngeri, naye tebaliyinza kutwala kifo kyo. Ekyo ddala bwe kiri. Ekigambo kya Katonda kijja kuwangula. Tekiyinza kulemererwa. Awo buli Mukristaayo yenna w'ateekeddwa okuyimirira, nga amanyi ekyo—ekyo. Kati byo ebigezo bijja kujja, birabike mu buli ngeri yonna, gy'oli. Naye jjukira nti, Katonda alina ekigendererwa, era byonna bijja kukola ku lw'obulungi.

95 Kati leka twejjukanyeemu katono ku—ku mirundi emitonotono Ekigambo kya Katonda gye kizze kituukirira, n'abo abeetikka Ekigambo mu mulembe gwabwe.

96 Nna—nnakiwulira mu Mwoyo, ebbanga ssi ddene eriyise, nti waliwo eyali anvunaana. Yandiba nga yali ku abo abawuliriza entambi. Nga anvunaana ogw'okujulizanga ennyo, buli mulundi okubaako abantu aboogerwako mu Bayibuli be njulizaako mu ebyo bye mba njogera. Kati, ekyo nnina ekigendererwa lwaki nkikola. Bayibuli egamba nti ebintu bino byawandiikibwa tusobole okubijulizangako. Era eyo y'engeri yokka, kuba ssirina buyigirize buli awo, engeri yokka gye nsobola okukikolamu, kwe kubaako ne be njulizaako ne ŋŋamba nti, "Mulaba *ono* we yayimirira, na biki ebyaddirira, *kino* we kyabeererawo."

Mukiraba? Kati olwo ggwe ne weeteeka mu kifo ky'oyo gwe mba njulizzaako.

97 Nga bwe nnali mbuulira, gye buvuddeko, ne njogera ku mulenzi omuto eyali ku mmeeri, omanyi, nga—nga omugoba w'emmeeri muyi nnyo afa. Yali mulwadde. N'abuuza oba nga ku mmeeri tebaalinaako Bayibuli. Ne basangayo omulenzi ono omuto eyalina Bayibuli, n'ajja n'asoma Isaaya 53:5. "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwaffe." Naye n'agamba nti, "Naye leka... Naye leka nkubuulire, kaputeeni, engeri maama wange ye gye yakisomangamu." N'agamba nti, "Maama wange ye yakiwaandika kisoma bwe kiti: 'Yafumitibwa olw'obutali butuukirivu bwa Willy Pruitt. Era Yabonerezebwa olwa Willy Pruitt. Era ebintu bino byonna bye baamukola, baabimukola ku lwa Willy Pruitt.'" Eryo lye lyali erinnya ly'omulenzi.

Omugoba w'emmeeri n'agamba nti, "Ekyo nkyagadde. Osobola okukisoma nga erinnya lyange ly'oteekawo?"

98 Omulenzi n'agamba nti, "Ka ngezeeko." N'agamba nti, "Yafumitibwa olw'okusobya kwa John Quartz. Yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwa John Quartz. Era olw'emiggo egyamukubwa John Quartz yawonyezebwa."

Omugoba n'agamba nti, "Kati nkiraba." Era Mukama n'amuwonya. Okiraba?

99 Kisome nga ossaawo erinnya lyo. Yafumitibwa olw'okusobya kwa William Branham. Yabetentebwa olw'obutali butuukirivu bwa William Branham. Ekyo Yakikola ku lwange, era Yakikola ku lulwo. Kisome nga ossaamu erinnya lyo.

100 Kati nange, eyo y'engeri gye njagala okuleetamu Ebyawandiikibwa eri abantu ba—bange, kwe kubalaga ekyo kye Yakolera omuntu omulala eyamugondera. Kye Yakola eri omuntu omulala eyali omwesigwa eri Ensonga, ne kye Yakola eri omuntu omulala ataali mwesigwa eri Ensonga, olwo ggwe okisome nga ossaawo erinnya lyo. Ssinga waliwo mu kiseera ekyo, kusalawo ki kwe wandikoze? Ate jjukira nti, oweereddwa akakisa, leero, okukola okusalawo kwe kumu kwe wandikoze.

101 Okugeza, Nuuwa, ku bikwata ku kivume ky'Ekigambo Katonda kye yayogera gy'ali. Nuuwa, waaliwo ekivume. Nuuwa yaliwo mu mulembe ogwa ssaayansi, nga waliwo ebyali bituukiddwako eby'amaanyi okuyita mu ssaayansi okutuusa nti baali basobola okukola ebintu, ebyali bisingira wala byonna bye tukoze mu mulembe guno. Baali batusinga amagezi, n'obukenkufu. Ssaayansi waabwe yali ku mutendera gwa waggulu nnyo, okusinga owaffe. Ate jjukira nti, yalina okugumira ekivume ky'Ekigambo kye yabuulira, okumala emyaka kikumi mu abiri, mu maaso g'abasekerezi. Enkola zaabwe ez'ekitalo eza ssaayansi zaabakakasa nti obwengula tebwalimu nkuba. Naye, ate, Nuuwa yali yawulira Ekigambo

kya Mukama, era Kyali kikontana n'engeri gye baali bakitegeeramu. N'olwekyo, nga obulamu bwe tebunnataasibwa, yalina okusooka okuyimirira mu maaso g'abasekerezi bano agumire ekivume abasekerezi bano kye bamussaako.

102 Weewaawo, eky'amazima, bateekwa okuba nga nnamukadde ono omubuulizi baamukwatirwa bukwatirwa kisa. Tebaamugobaganya yadde okukola ekintu kyonna, kubanga oba oli awo tebaalina mayumba mangi bwe gatyo mu biro ebyo. Talina gwe yali atuusizzaako bulabe bwonna. Kale yali tagenda kubaako muntu yenna gw'alumya, bwe batyo ne bamala gamuleka. "Genda mu maaso ne by'okola, nnamukadde omuzoole waggulu ku kasozi, mbu azimba emmeeri wano awatali mazzi yadde. O, bambi, musajja wattu! Naye," ne bamubuuza, "kati amazzi oligajja wa, kw'olisaabaliza eryato lyo, Nuuwa?"

"Gajja kutonnya nga gava waggulu mu bire."

103 "Leka kwogera bitaliimu nsa. Ffe ssebo tusobola okusindika waggulu ku mwezi ne ku mmunyeenye, ebyuma ebiketta amayengo," oba kyonna kye baalina. "Eyo waggulu teriiyo nkuba."

Naye n'abagamba nti, "Katonda ye yagamba Agenda kugiteekayo waggulu eyo."

"Anaakikola atya?"

104 "Ogwo mulimu Gwe. Nze kye nnina okukola kiri kimu kyokka kubalabula kuva wano."

105 Bwe kityo bwe kiri ne leero. "Omuliro guliva wa?" Ow'oluganda, leero kyeraga lwatu nnyo n'okusinga bwe kyali mu biro bya Nuuwa. We gugenda okuva we twogerera tulabawo. Gulinze bulinzi kubaluka gwake, kye kyokka. Ssaayansi yamala dda . . . Ku mulundi guno tewali kya kwekwasa, kyonna, kubanga ssaayaansi yamala dda okuguzuula. Yee, ssebo.

106 Kale kati tukiraba nti tekyali kintu kyangu n'akatono. N'olwekyo bambi nnamukadde ono omubuulizi baamala gamusaasira, ne bamuleka n'agenda. Kyali kintu ekyewuunyisa, oba oly'awo, eri abantu abo, okukirowoozaako nti omusajja eyandibadde omugezi ennyo, okumusanga nga akkiriza mbu Katonda, Omutonzi w'eggulu n'ensi, asobola okukola ekintu, oba okwogera ekintu ky'Agenda okukola, nga kikontana n'endowooza yaabwe, gye baalina. Oba oli awo temukitegedde bulungi. Mulabeeyo. Waaliwo . . . Baalina endowooza egamba nti buli kintu kyonna eky'obutonde basobola okukikakasa nga bakozesa ssaayansi waabwe. Eyo bw'eba nga ssi y'ensi mwe tuli olwa leero, ensi etambulira ku magezi ag'obwongo, ensi ey'eby'enjigiriza ejjudde ssaayansi omwereere! Era ekintu kyonna kye baasobolanga okukakasa, nti si bwe kiri, Katonda . . . "Katonda tasobola kwogera kintu kyonna (ate) ne kikakasibwa okuyita mu ssaayansi nti tekiriiyo."

107 Kati, ne leero balina endowooza y'emu. Omusawo wo bw'akugamba nti olina kookolo, oteekwa okufa, ne ssaayansi n'akikakasa nti ddala olina kookolo, era takyasobola kutangirwa kusaasaana, bakitwala nti kya busiru okuba n'endowooza eyawukana ku ekyo, kubanga mu buli ngeri ogenda kufa; tewali kirala. Ssaayansi agamba ogenda kufa. Bakukebedde, era ky'ekyo tewali kirala. Ogenda kufa. Era bakitwala nti kya buzoole okugezaako okugamba nti Katonda yasuubiza okukikola. Mukiraba, era nga bwe kyali luli, ekivume ekyo obeera olina okukigumira.

108 Bagamba, ssinga omusawo agamba wano eno nti, "Tukukebedde wenna, era kookolo akuze. Tukwekebezze wenna. Yakulya omubiri gwonna n'agumalawo, n'omutima gwo, n'amawuggwe gwo, n'ekibumba kyo, wenna wenna. Tekisoboka."

Kati, olaba, bw'ogamba nti, "Naye agenda kuba mulamu, mu buli ngeri."

Nga bagamba nti, "Bambi, musajja wattu, mumuveeko."

109 Nzijukira ekiro kiri. Bill Hall, Ow'oluganda Hall emmanga okuva mu kkanisa y'omu Milltown, bangi ku mmwe ensonga eyo mugijjukira. Era bwe ya. . .Bampita ŋŋendeyo. Ne tugendayo, nze, ne mukyala wange, ne nnazaala wange. Yali yawasa omuwala nzikiriza, eyali mwannyina wa, George Cupp, eyali mmeeya w'ekibuga, manyanga omulamuzi wa wano. Ye. . . Yali mukoddomi we. Baamuleeta afiire wano. Omusawo mu Milltown, n'omusawo mu New Albany, bombi bwe baamukebera baamusanga alina obulwadde bwa kookolo w'ekibumba. Kale nnagendayo okulaba Muky. Hall. Musajja wattu yali alwadde n'amakiro, nga yenna amaaso gafuuse ga kyenvu. Ne ŋŋamba nti, "Naye nno, yandiba nga agenda kufa." Ne ŋŋamba nti. . .

110 N'ambuuza nti, "Ow'oluganda Bill, waliwo engeri yonna. . . Osobola okubaako ne ky'owulira okuva eri Katonda?"

Ne mmugamba nti, "Ssi—ssimanyi, Mwannyinaze Hall. Naye nsobola okusaba."

111 Ne nsaba. Ne nzirayo eka, naye Mukama talina kye yaŋŋamba. Ne nzirayo, enkeera, ne nziramu ne nsaba.

N'ambuuza nti, "Olinayo omusawo omulungi yenna gw'omanyi?"

112 Ne mmugamba nti, "Kale, ffe omusawo wa famire yaffe ye Dokita Sam Adair, emmanga wano mu Jeffersonville. Mu—mu—mu. . .Kitaawe yali musawo wa famire yaffe. Kale mutabani we Sam nange tubadde baamikwano nnyo, era—era kyenkana n'okusoma twatandikira wamu, twali twakula ffenna. Kale bulijjo ye gwe tulaba bwe wabaawo embeera yonna."

N'ambuuza nti, "Olowooza asobola okujja n'akebera Bill Hall?" omwami we.

Ne mmugamba nti, “Nja kumubuuza.”

113 Naye, Sam n’aŋŋamba, n’agamba nti, “Billy, omusawo bw’aba yagamba nti alina kookolo,” n’agamba, “kye nsobola okukola, kiri kimu, nja kubaako gye musindika eri omuntu ansingako, eri omukugu. Tumukube ebifaananyi bya ekisule; tuleme kuddamu kumuteganya nga tukola kino na kiri.”

114 Ne tumuweereza mu New Albany ne tufuna ebifaananyi bye ebya ekisule okuva eri omusawo erudda eyo. Ne tumutwala mu Louisville ne bamukebera, twamutwalira mu ambyulensi, bwe twamala ne tumukomyawo.

115 Kati, mu buli ngeri, yali tayinza kutegeeza Muky. Hall kyali kitawaanya bba, bw’atyo kye yava ankubira essimu. N’aŋŋamba nti, “Agenda kufa,” n’agamba nti, “mukwano gwo omubuulizi.” N’aŋŋamba nti, “Omukugu w’e Louisville yaakava okunkubira essimu, era agambye nti, ‘Obulwadde abasawo bwe baalaba mu—mu. . .emmanga mu Milltown; wamu n’omusawo, mu New Albany; bwe bulwadde ddala bwennyini obumuluma.’” N’agamba nti, “Kituufu alina kookolo w’ekibumba, era akuze. Ate, Billy, omusajja tetuyinza kumuggyamu kibumba kye, n’asigala nga mulamu.” N’agamba nti, “Agenda kufa. Era kati nga bw’ali mubuulizi, asaanye yeetegeke.”

116 Ne mmugamba nti, “Eyo ssi y’ensonga. Naye tannaweza yadde emyaka ataano mu etaano, n’olw’ekyo akyalina obulamu bungi mu ye, okubuulira.” Ne ŋŋamba nti, “Naye, bw’aba agenda kufa, kale kasita tukakasizza ekimuluma. Weebale, Dokita Sam.”

117 Ne nzikirira ne mpita Muky. Hall wabweru, ne mmutegeeza. Ne mmugamba nti, “Muky. Hall, Sam agambye nti obulwadde bwe baalabye bwe baamukebedde mu Louisville bwe bumu ne bwe baalaba bwe baamukebera mu New Albany ne mu Milltown. Omusajja afa. Ow’oluganda Hall agenda kufa. Era alina kookolo mu kibumba, ate akuze.”

118 Mukazi wattu n’atandika okukaaba. Ne nzirayo munda, ne nsaba n’ow’oluganda. Era bambi yenna yali takyetegeera, mu kaseera ako, yali tategedde na kutegeera nti mwendi mu kisenge mw’ali.

119 Bwentyo, ne nkomawo. Ate waabangawo abantu bangi nnyo abajjanga ewaka, mu nnaku ezo. Tewaaliwo muntu mulala asabira balwadde mu kiseera ekyo. Baali tebannakyegwanyiza bangi kukyonoona nnyo, kale abantu baavanga buli wamu.

120 Ate nga nnali njagala kuwummulako. Kati kye nnakola nneesolossa ne nnyingira, ku olwo nnali nnazuukuse mu kiro, eyo nga ku ssaawa munaana kitundu, oba mwenda nga bukya. Ow’oluganda Wood mu kiseera ekyo yali tannasenguka kudda kyengulu wa kkubo eri. Kale nnalingizaako ebweru mu kakubo akaweta eka, nga tewali, muntu yenna, ne nkwata enkoofiira yange enkadde ne nneesolossa ne nnyingira mu kasenge kange

gye mbeera nzekka, ne nzijayo emundu yange ekika kya .22. Nga ŋŋenda kuyigga bukaamuje, okutuusa lwe zinaawera ssaawa nga bbiri ez'ekiro, nfuneyo awantu awamu wansi w'omuti we ngalamira nneebakeko. Ewaka wali tosobola kwebakayo.

121 Ne nkwata enkoofiira yange ne ntanula okufuluma ekisenge. Ŋŋenda okulaba nga ku kisenge awo wawanikiddwaawo apo. Yali—yali apo ekyasinzeeyo obuvundu. Nga yonna yaliibwa envunyu, nga yagongobala, nga yonna ekulubuse. Muli ne nneebuuza nti, "Kati kino ddala Meda yawanise kyaki ku kisenge?"

122 Ŋŋenda okuddamu, okwetegereza, nga teri ku kisenge. Nga erengejjera mu bbanga. Mu bwangu obw'ekitalo enkofiira yange enkadde ne njiggya ku mutwe, emmundu ne ngiwummuza mu nsonda erudda, ne ngwa ku maviivi gange. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, kiki ky'Oyagala okutegeeza omuweereza Wo?"

123 N'endala n'ekka wansi, n'endala n'ekka wansi, ne ziwera nga apo nnya oba ttaano (Nneerabidde zaali mmeka zennyini) ne zirengejjera awo mu bbanga. Ate ne wajja apo ennene, erabika obulungi, nga erimu obukuubo; apo ennene ddala, erabika obulungi, n'ekka wansi n'egaayagaaya ziri zonna ezoonoonese ezirabika obubi. Awo n'Aŋŋamba nti, "Situka. Yimirira ku bigere byo." N'agamba nti, "Genda, ogambe Bill Hall, nti tagenda kufa. Agenda kuba mulamu."

124 O, ne nziruka nga bwe nsobola ne ŋŋenda, ne ŋŋamba nti, "Muky. Hall, nnina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Agenda kuba mulamu." N'ow'oluganda naye n'ampulira. Era bambi yali agezaako okukaaba, naye yali takyayinza na kwogera.

125 Ne nkomawo ne nkubira Sam essimu. Ne mmugamba nti, "Sam, mu—muganda waffe agenda kuba mulamu."

N'ambuuza nti, "Nga ayinza atya okubeera omulamu mu mbeera eyo?"

126 Ne mmugamba nti, "Ogwo si mulimu gwange okumanya bwe kinaabaawo. Katonda bw'atyo bw'agambye. Ekyo kimala."

127 Ne leero waali mulamu. Ekyo kyaliwo emyaka nga kkumi egiyise. Mulamu era wa maanyi. Mukyala we waayitawo ekiseera n'afa. Naye kati yawasa omulala.

128 Kinaabaawo kitya eri George Wright, n'abalala bonna be twandinokoddeyo, be tusobola okujjukira? Kiki ekyo? Kwe kugumira ekivume. Baseka ne bajerega.

129 Nzijukira amataba ga 1937 bwe gaali tegannabaawo. Nnayimirira awo n'aba Kampuni ya Falls City Transfer, nga mbagamba nga, bwe waali wagenda okubaawo amataba amazzi ganjaale gaweze fuuti asatu mu bbiri, ndowooza ze nnabagamba, ku Luguudo lwa Spring. Ne bansekerera. Ne bagamba nti, "Bambi musajja wattu Billy. Alabika a . . . Omwana oyo bambi!" Nnali mulenzi muto mu biseera ebyo. N'agamba nti, "Naye

kale Billy mwana mulungi. Kibi nnyo okuba nti yatwalibwa ebintu eby'engeri eyo ne bimutabula obwongo." Ssaatabuka bwongo. Nnabatizibwa bubatizibwa ne nnyingira *munda*, wabula ssaatabuka bwongo. Nnayingira buyingizi "munda." Era kyatuukirira ddala nga bwe kyayogerwa.

130 Okuva we nnatandikidde okwogera, obwedda nnengera Mwannyinaffe Hattie Wright, nzikiriza ye ye, atudde emabega wali. Ensonga eyo eya Bill Hall agijjukira. Bangi. Bameka abali wano, enkya ya leero, abajjukira ensonga eyo? O, bannange! Ddala. Muwerera ddala.

131 Kati, batusaasira, basaasira omuntu yenna agezaako okwenywereza ku Kigambo, mu nnaku z'abasekerezi. Naye, jjukira nti, ekivume kyo kiteekwa okujja. Lubeerera bwe kibaddenga. Bateekwa okuba baalowooza, era nga bwe baalowooza mu kiseera kiri, nti Katonda, nti bwe wabaawo ekintu kyonna ssaayaansi ky'akakasizza, mbu Katonda tasobola kubaako kintu kyonna ky'ayogera kikontana na ssaayaansi. Naye, ekyo kye kimufuula Katonda. Ssinga Yali wa kugoberera ssaayaansi ky'aba ayogedde, kyandibadde tekyawukana ku ekyo omuntu ky'asobola okutuukako. Naye, Ye Katonda. Ye—Ye Mutonzi wa ssaayansi. Asobola okukola kyonna ky'Ayagala okukola.

132 Bateekwa okuba baalowooza muli nti, "Bambi nnamukadde Nuuwa, bambi, musajja wattu mumuleke. Asubwa byonna bye tunyumirwa mu nnaku zino, mumuleke mumuveeko." Ne leero bwe kityo bwe kiri.

133 Naye, kati, nninawo ekintu ekirala kye njagala okwogera wano eno. Leero, tutunula emabega ne twegomba okukkiriza kwe. Naye nneewuunya, ssinga twaliwo mu mulembe ogwo, twandikoze okusalawo kwe kumu nga Nuuwa kwe yakola? Twandisobodde era twandibadde beetegefu okugumira ekivume ekyagobereranga Amazima? Nga, mu bukadde n'obukadde bw'abantu bonna abaali mu nsi mu kiseera ekyo, Nuuwa yekka n'ab'omu maka ge be baayimirira ku lw'Amazima ago. Ekyo wali okirowoozezzaako? Omusajja omu oyo yekka ne batabani be abasatu, ne bak'abaana be, ne mukyala we, be bokka abaayimirira ku lw'Amazima ago. Naye baalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Tutunula emabega ne tumwegomba. Naye tusobola okuddamu ne tukirowoozaako?

Nnina okwanguwako olw'ebirabo by'abaana bano.

134 Ibulayimu, ekigambo kyennyini *Ibulayimu* kitegeeza "kitaawe w'abangi," ekimufuula "kitaawe w'amawanga."

135 Kati, Ibulayimu yawulira Ekigambo kya Katonda. Ibulayimu yali nnabbi, era yawulira Ekigambo kya Katonda. Kati Ibulayimu tumwegomba olw'engeri gye yanywerera ku Kigambo kya Katonda; n'engeri gye yeeyawula ku b'eŋŋanda ze; nga kyali kizibu nnyo eri Ibulayimu. Eri gye yali yakulira.

Baaserengeta okuva e Babeeri, ne—ne basenga mu nsi y'e Sinali wamu ne—ne—n'Abakaludaaya, mu kibuga kya Uri, eyo banne bonna gye baali, n'abantu be, n'abo be yasabanga nabo ku kkanisa, n'abalala bonna. Naye Katonda n'amugamba nti, "Weeyawule." Ha, bannange! Ekyo nga kyali kintu kizibu nnyo, okuleka ebyo byonna bye yali ayagala ennyo, byonna ebyali eby'amakulu gy'ali, ebyali eby'omuwendo gy'ali. Naye Katonda n'amugamba nti, "Weeyawule."

136 N'atakoma ku ekyo naye n'amuwa ekintu ekitasoboka n'akatono mu bulamu obwa bulijjo. "Ogenda kuzaala omwana mu mukyala wo." Nga wa myaka nsanvu mu etaano, nga mukyala we wa nkaaga mu etaano. Nga amaze emyaka n'emyaka, takyagenda mu nsonga z'abakyala, nga abakyala abakyazaala bwe babeera. Kyokka, nga yali abadde naye okuviira ddala nga akyali muwala, kubanga yali mwannyina nga bagatta omuzadde omu ku babiri, kaakati ddala omwana oyo yali ayinza atya okumuzaala? Kati ddala mu mbeera eyo osobola okukubamu akafaananyi nga Ibulayimu agenda eri banne, nga bw'abagamba nti, "Nze ne Saala, tugenda kuzaala omwana"? Ekyo ddala osobola okukiteebereza?

137 Eky'amazima, abantu bateekwa okuba baagamba nti, "Nnamukadde bambi, aliko ekikyamu ku bwongo."

138 Kyali kivume, naye Ibulayimu yakinywererako. Ne bwe yaweza emyaka kikumi, teyasagaasagana kuva ku kisuubizo kya Katonda. Yasigala akyagumidde ekivume, mazima ddala, nga akyakinywereddeko.

139 Enjawulo eri awo mugiraba? Saala yagezaako okuwa Ibulayimu, manya, manyanga, okuyambako Katonda, ku bubwe. Yalowooza muli nti, omanyi, nti, Katonda kye yasuubiza bwe kityo ddala si bwe kiri. "Kubanga kati, olaba, nze ndi mukazi mukadde, naye ate Agali ono wano mukazi alabika bulungi. Kale naye, Ibulayimu tajja kukifunamu buzibu bwonna kumuwasa. Kale, olaba, ekyo—ekyo kijja kuyamba ku Katonda. Ekyo kijja kuyamba ku Katonda, kubanga Agali, ono wano, alabika yaakaweza buweza emyaka abiri. Ate muzaana wange. Kati omanyi kye ŋŋenda okukola? Ŋŋenda kumuwa omwami wange, abeere mukyala we," kubanga okuwasa abakazi abasoba mu omu kwali kukkirizibwa. Kale n'agamba nti . . . "Ŋŋenda kumuwaayo, baze amuzaalemu omwana, kati omwana nze mba mmutwala. Kati y'oyo, Katonda gwe yasuubiza."

140 Mukiraba, bulijjo tugezaako okubaako ne kye tukola; tetwagala kumulinda. Twagala tubeeko ne kye twekolera, mu busobozi bwaffe. Oba oli awo tekyalina kabi. Ayinza okuba yali alabika bulungi. Kiyinza okulabika nga kirungi nnyo, naye tekyali nga Ekigambo bwe kyali kigamba. Katonda yali yagamba Ibulayimu nti omwana yali wa kujja nga ayita mu Saala.

141 Mujjukira kye yayogera ku Kisibo ekitono? "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." "Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu, nga mu kiseera ekyo abantu si bangi, emmeeme munaana zokka, ze zaalokolebwa." Ebigambo ebyo tebisobola kulema kutuukirira, n'olwekyo leka tubeere beegendereza tunywerere ku Kigambo. Kale. Mukiraba?

142 Abantu bulijjo bagezaako okubaako ne kye bajingirira, okutwala ekifo ky'engeri Katonda gy'ayagala okutondamu. Mulaba, nga bwe ntera okwogera, era oba oli awo, nnina ne lwe nnali nkyogeddeko eri ekkanisa, omanyi, tosobola kusaba ndiga n'ogigamba nti, "Osobola okunkolerayo ebyoya?" Nedda, ekyo tesobola kukikola. Kati, embuzi tesobola kukola byoya, kubanga obutonde bwayo tebugisobozesa kukikola. Ne bw'ogezaako otya okusiba ebyoya by'endiga ku mbuzi, tebijja kukola. Embuzi tesobola kukola byoya, n'endiga tekola bwoya. Naye emera ebyoya kubanga ndiga. Ekyo kye kigifuula ky'eri. Tekola bikole.

143 Ebibala by'Omwoyo tetulina kubikaniikirira bukaniikirizi okulabisibwa. Ebibala by'Omwoyo birina kubala bubazi mu ffe ne birabisibwa ku bwabyo. Omuti gwa apo zi apo teguzikola bukozi okubaawo; wabula apo zibala bubazi okuva munda mu gwo kubanga muti gwa apo.

144 Naffe ssinga tugezaako okubaako ne bye tukaniikirira ku bwaffe mbu, "Ŋŋenda kubaako ne kye nkola. Ŋŋenda kusoma okumala emyaka kkumi mu ttendekero eriyigiriza eby'eddiini. Ŋŋenda kuyiga *kino, kiri,* na *kiri*, nfune Ddiguli yange Esooka ne Ddiguli yange esembayo. Ŋŋenda kuyamba Mukama, ku lwange nzekka." Tebijja kukola.

145 Katonda, okuyita mu kuteekerwateekerwa, y'ayita yenna gw'Aba ayagadde okuyita. Awa Obwakabaka eri oyo yenna gw'Aba ayagadde okubuwa. Ekyo twakiyiga ku byabaawo ku Nebukadduneeza.

146 Twakiyiga ku byabaawo ku—ku Yeremiya, Katonda bwe yamugamba, okuyita mu Kigambo kya Mukama, nti, waali wagenda kubaawo ekiseera Isiraeri lw'eritwalibwa e Babulooni okumala emyaka nsanvu. Ne wajja nnabbi omulala. Yali yamugamba, nti, "Kati, muliba ne bannabbi, abaligolokoka. Era muliba nabo emmanga mu Babulooni, abaligolokoka, n'abaloosi ne bannabbi, abaliragula ebikontana ne Bino. Naye gamba abantu obutawuliriza bantu abo."

147 Kati ne wajja omusajja nga ayitibwa—nga ayitibwa, omu ku bannabbi, Kananiya. Era Yeremiya aba akyayimiridde awo n'ekikoligo ku nsingo ye, ne zireeta Kananiya, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, mu myaka ebiri emijjuvu, ebibya bya Mukama byonna . . ." Kati, okusinziira ku nnono, kyalabika nga ddala kirungi. "Katonda abantu Be agenda

kubawa omukisa. Buli kimu Ajja kukikomyawo kiddemu kibeere nga bwe kyali, mu myaka ebiri."

148 Era Bayibuli egamba nti, ne nnabbi Yeremiya naye n'addamu nti, "Amiina. Amiina. Kananiya, leka Mukama atuukirize ebigambo byo. Naye leka tubeeko ne kye tulowooza, Kananiya. Waaliwo bannabbi abaatusooka, era baalagula entalo ku mawanga ag'amaanyi, ne balagula n'ebintu ebitali bimu. Naye, jjukira, nnabbi akakasibwa obunnabbi bwe bumaze okulabisibwa." Mukiraba?

149 Awo Kananiya n'ajja, n'asikambula ekikoligo okuva ku nsingo ya Yeremiya, mu maaso ga bakabona bonna n'ekibiina, kyenkana abantu nga akakadde kamu n'ekitundu. N'asikambula ekikoligo ekyo Katonda kye yali atadde ku nsingo ya Yeremiya, okuba akabonero, n'akimenyaamenya, n'akisuula ku bigere bye, nga yenna akyamuukiridde, n'agamba, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, mu myaka ebiri, bajja kuba bakomyeewo."

150 Yeremiya n'amutunuulira butunuulizi. Kyali kikontana n'Ekigambo, kye yakola yatambula butambuzi n'avaawo. Katonda n'amugamba nti, "Ddayo omugambe nti," n'agamba, "Ssinnayogerako naye."

151 Yakyamuukirira bukyamuukirizi. Yatwala ndowoooza ye nga omuntu. Mukiraba? Teyalindirira kusooka kukirabako na maaso ge n'akakasa nti ddala ssi bigambo bye, wabula Katonda y'ayogera. Yaddayo, nga yenna akyamuukiridde. Bwe . . .

152 Ekyo tukiraba nga kigenda mu maaso, okwetooloola eggwanga, leero. Waliwo olumu ku ntambi zaffe olwali luzannyibwa gye buvuddeko mu maka agamu, ne wabaawo ekibinja ky'abaweereza awo wennyini abaamatizibwa olw'ebyo bye baawulira, nga bagenda na kujja kubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Ne wabaawo omusajja asituka mu kisenge mwe baali, n'ayogera mu nnimi n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Munyweze ekyo kye mulina. Mweyongere bweyongezi, mu maaso, Nange nnaabawa omukisa."

153 Ne bagamba nti, "Kale, ekyo Mukama bw'aba y'akyogedde, kirabika bwe kiri." Mukiraba, tekikebeddwa na Kigambo. Kiteekwa okukeberebwa n'Ekigambo, okusooka. Kiikyo. Kyali kikontana n'Ekigambo.

154 Wuuno Yeremiya n'akomawo, nnabbi oyo afukiddwaako amafuta. Katonda n'amugamba, nti, "Nkimanyi nti ekikoligo kiri eky'omuti ekyakubadde mu nsingo Kananiya yakimenye, kye Nnakuteekamu, naye Ŋŋenda kukolayo ekirala nga kya kyuma." N'agamba nti, "N'amawanga gano gonna agaagenda okuweereza Nebukadduneeza, omuweereza Wange," ate nga yali mukaafiiri. Mukiraba? Ate nga Isiraeri, beekuumanga okukola ssaddaaka zaabwe zonna, naye teba . . . Mukiraba?

155 Katonda yakola ekisuubizo, nti Ajja kuwa omukisa, naye emikisa egyo giriko obukwakkulizo. Era olina okutuukiriza obukwakkulizo obwo, emikisa egyo okusobola okutuukirira.

156 Akaseera katono, akayise, mbadde ntudde n'akawala akato, akalungi. Okusooka, nnasoose ne nnoonyerereza ddala ku bifa mu famire eyo, okulaba oba nga waliwo ekintu kyonna ekikyamu. Katonda kwo okuwonya ajja kuwonya, naye waliwo obukwakkulizo obulina okutuukirizibwa. Mukiraba? Ekintu kyokka kye nnazudde, kyabadde nti, maama w'akawala yabadde atya nga alowooza nti kikyamu okumira eddagala. Ne mmugamba nti, "Leka kulowooza otyo, mwannyinaze. Ekyo kijje mu birowoozo byo. Omwana genda mu maaso omujjanjabe. Muwe eddagala. Ekyo Katonda ajja kukiraga." Mukiraba?

157 Kati, naye, ensonga eri nti, zuula, otegeere. Bwe kiba, nga kiri BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, tewali buzibu.

158 Kati wano tukiraba nti, abantu bano, baali bagezaako okubaako ne kye bakaniikirira kibeewo; Agali ne—ne Saala, nga bagezaako okuyamba Ibulayimu, okuyamba ku Katonda okutuukiriza ekisuubizo Kye. Ekyo toyinza kukikola. Tewali ngeri yonna, yonna, gye kiyinza kukolebwa. Ki—kikontana na buli kimu. Ekigambo kya Katonda kijja kutuukirira, mu buli ngeri yonna. Ggwe ky'olina okukola kiri kimu kyokka kunywerera ku Kigambo, n'ogamba nti, "Kiri *bwekiti*," n'ogondera Ekigambo. Kati, mulabeeyo, okubaako ne ky'okaniikirira kibeewo mu kifo ky'Ekigambo Kye!

159 Oba oly'awo, ne mikwano gya Ibulayimu, ssinga tuba twetegerezza bulungi, oba oly'awo ne mikwano gya Ibulayimu bajja ne bamugamba nti, "Mbu, ggwe kitaawe w'amawanga, kati abaana olina bameka?" Nga wa myaka kikumi. "Tubuulire, ssebo kitaawe w'amawanga, kitaawe w'abangi, abaana olina bameka kati?" Abasekerezi!

160 Kati, ddala ebiseera temubiraba? Tetukirabye nga kibaawo, emirundi egimu bwe tubaddeko ekintu kye tusabidde, ne kitabaawo?

161 "Wano waliwo omusajja omukadde," bwe bagamba. "Muzibe wa maaso. Kiggala. Kasiru. Mulwadde. Yakola *kino*. Mugendeeyo mumuwonye, mmwe abasabira abantu mbu Katonda n'abawonya. Naffe tunaakikkiriza."

162 Naye bakitegeera nti ye ssetaani y'omu oli eyagamba nti, "Weewanule ove ku musaalaba, nange nnaakukkiriza. Amayinja gano gafuule omugaaati, nange nnaakikkiriza"? Mukiraba? Ssettaani y'omu oyo eyasiba Mukama waffe kantuntunu ku maaso, n'amukuba ku mutwe n'omuggo, n'amugamba nti, "Kati, bw'oba oli nnabbi, kale tubuulire ani akukubye, naffe tunaakukkiriza."

163 Kati, mukimanyi bulungi nti eyamukuba Yali amumanyi. N'amayinja ago Yali asobola okugafuula omugaati. Oba,

Yali asobola okwejja ku musaalaba. Naye twandibadde ki leero ssinga Yakikola? Mukiraba? Tebamanyi nteekaateeka ya Katonda bw'eri. Oteekwa okutegeera kiki Katonda kye yasuubiza.

Kati nnina okwanguwako.

164 Kati, bayinza okuba baamubuuza nti, "Kitaawe w'amawanga, twakuwulira, emyaka abiri mu etaano egiyise, nga ogamba mbu ogenda kuzaala omwana mu Saala, era mbu mu mwana oyo mugenda kuvaamu amawanga g'abantu. Kati we twogerera abaana oweza nga bameka, ssebo kitaawe w'amawanga?" Huh! Mukiraba? Gwe mwoyo gwe gumu guli ogw'edda ogukudaala era ogwagala okukudaala.

165 Ibulayimu yakola ki? Agamba nti, "Teyasagaasagana kuva ku kisuubizo, olw'obutakkiriza."

"Owaaye, mpulira mbu wasabira *Gundi*, n'atawona."

166 Ekyo tekirina kye kikyusa. Ne bwe nsabira abalwadde omutwalo gumu akawungeezi kano, ku makya bonna omutwalo gumu ne bafa, n'enkya akawungeezi nja kusigala nsiiga amafuta ku balwadde n'okubasabira. Katonda bw'atyo bwe yayogera. Ekyo tekisobola n'akatono, kukiyimiriza. Katonda yakisuubiza. Nkikkiriza. Mazima ddala. Kyonna kye boogera tekirina kye kikyusa, yadde. Naye, kwo okuseka bajja kuseka. Ekyo ky'ekivume ekigoberera Ekigambo.

167 Ibulayimu, n'ayimirira ku Kigambo kya Katonda, ddaaki ne Kituukirira. Ha, bannange!

168 Tunuulira okusekererwa kwe baamusekerera olw'okuba omugumba. Okusekererwa, n'okwettika ekivume ky'okuba omugumba, okusooka. Baalina . . . Yalina okugumira ekivume eky'okuba omugumba okumala emyaka egyo gyonna. Kyenkana yali anaatera okuweza emyaka ekikumi. Yalina emyaka kyenda, naye nga alina Ekigambo kya Katonda ekigamba nti wa kubeera *mumbejja*, maama w'omwana ono. Naye nga ye ne Ibulayimu, bombiriri bagumba, nga bombiriri emibiri—emibiri gyabwe kyenkana giringa egyafa, naye tebaabuusabuusa Kigambo ekyo, yadde n'omulundi ogumu. Naye ekyo baalina okukigumira, okusooka. Era oluvannyuma, aleruuya, Katonda yatuukiriza Ekigambo Kye, mu kaseera aka kazigizigi: Isaaka yazaalibwa. "Era ezzadde lye liringa omusenyu gw'ennyanja manya emmunyeenye ez'omu Ggulu." Mukiraba? Katonda bulijjo ayanukula Ekigambo Kye. Weewaawo. Obugumba bwe bwasooka, oluvannyuma Isaaka n'azaalibwa.

169 Zaakaliya ne Elizabeesi, nabo embeera y'emu, omusajja oyo omukadde n'omukazi oyo omukadde, naye nga bakyakinywereddeko. Zaakaliya bwe yajja, n'awandiika ku kipande kye, n'agamba nti, "Malayika yansisinkanye, n'aŋŋamba nti nja kuzaala omwana okuyita mu Elizabeesi, mukyala wange ono omukadde. Ssikyasobola kwogera.

Omumwa gwesibye. Era gugenda kusigala nga gwesibye okutuusa ku lunaku omwana lw'alizaalibwa. Naye waliwo omwana ajja, era agenda kubeera nnabbi w'oyo Ali waggulu ennyo. Y'anaayanjula Emmunyeenye ey'Enkya. Y'anaakulembera Masiya." Kyali kiyinza kitya okubaawo?

170 Abamu baagamba nti, "Bambi musajja wattu. Ha, bambi ki—kirabika obwongo butabuse, nga bwe mumanyi. Waliwo ekitali kituufu. Naye ggwe tunuulira Elizabeesi omukadde oyo, ow'emyaka nga kinaana. Otu—otu—otunuulire ne Zaakaliya, yenna bw'akaddiye nga n'okukankana akankana, ddala omuntu afaanana atyo nga ayogera ekintu nga ekyo. Bambi, musajja wattu."

171 Naye yalina Ekigambo kya Mukama. Kyali kivume kya maanyi nnyo, okutuuka okuba nti omukazi yeekweka okumala ennaku eziwererako ddala. Naye omusajja yanywerera ku Kigambo. Ha, bannange!

172 Ne bagaana ettutumu, ne bagaana okutwala endowooza y'abasinga obungi, ne bagaana eby'omulembe ebyaliwo mu kiseera ekyo, n'emisono n'ebintu eby'omulembe eby'ekiseera kye baalimu. Baabigaana. Baagaana okutambula n'ekibinja ky'abatakkiriza. Baagaana ebintu by'ensi. Baalina okukikola, okusobola okunywerera ku Kigambo kya Katonda. Baalina okukikola.

173 Ne leero bwe kiri. Weeyawula ku buli kimu kyonna n'osigala ggwe wekka ne Katonda. Ekyo ekkanisa ky'ekola si y'ensonga. Wabula ggwe ky'okola ne Katonda. Okiraba? Ensonga eri ku ggwe, nga ssekinoomu. Weewaawo.

174 Naye mulabe Katonda kye yamuwa. Yesu we Yajjira, Zaakaliya yali yafa dda, wamu, ne Elizabeesi. Naye mutabani waabwe bwe yajja nga ava mu ddungu, nga alina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, Yesu yagamba nti, "Tewabangawo muntu mu abo abazaalibwa omukazi amusinga obukulu." Amiina. Kiki? Yagumira ekivume ky'obugumba. Yanywerera ku Kigambo, n'azaala omwana ow'obulenzi bw'atyo.

175 Nga Saala ow'edda, nga Ibulayimu ow'edda, abafumbo abo abakadde baakinywererako. Mulabeeyo, abantu abasinga obungi abaali bazaaliddwa kuba yamugamba nti, "nga omusenyu ogw'oku nnyanja," teri luse lwa bantu mu nsi bangi kwenkana Bayudaaya. "Nga omusenyu ogw'oku nnyanja oba nga emmunyeenye ez'omu bbanga." Kiki ekyali kibaddewo? Kyava mu kisingayo okuba ekitono, mu mwana omu bw'ati.

176 Kaakati gye ndaga mulabayo. Yali mwana omu bw'ati, ye yali yeetaagisa. Yali mwana omu yekka bw'ati ye yakozesebwa okunyeenya amawanga okugasongera ku Masiya. Yali muntu omu bw'ati, omuwulize. Ddala bwe kiri. Katonda yeetaaga omuntu omu yekka. Ye yekka gwe Yeetaaga, awantu awamu asobole okuba n'eddoboozi. Kye kyokka kye Yeetaaga, kwe

kufuna omuntu omu bw'ati n'aba nga amulina mu ngalo Ze. O, nga Ayagala nnyo okufuna omuntu oyo omu!

177 Lumu, Yafunayo ayitibwa Nuuwa. Omulundi omulala, n'Afunayo—n'Afunayo ayitibwa Musa. Omulundi omulala n'Afunayo a—ayitibwa Yeremiya. N'afunayo a—ayitibwa Eliya. N'afunayo ayitibwa Elisa. N'afunayo ayitibwa Yokaana. A—Afuna. . . N'afunayo ayitibwa Samusoni. Kasita Afunayo omusajja omu bw'ati n'aba nga amulina mu ngalo Ze, oyo y'abeera Eddoboozi Lye. Asobola okwogera okuyita mu oyo. Asobola okunenya ensi. O, bannange!

178 Nga Ayaayaana n'awammanta nga anoonya, okubaako omusajja gw'akwata mu ngalo Ze nga agamba nti, "Njagala mmwogerereremu. Nsobole okumuyisaamu Eddoboozi Lyange liwulikike. Wadde kinaamwetaagisa okugumira ekivume, naye Eddoboozi Lyange Nnaaba ndyogedde ne liwulikika." Mukiraba? Ha, weewaawo.

179 Waaliwo obugumba, okusooka. Yalina okuba omugumba, yalina okugumira ekivume eky'obutazaala. Saala yalina okukigumira. Ne Zaakaliya wamu ne Elizabeesi nabo baalina okukigumira.

180 Mulabeeyo, leero. Kati nnina kye ŋŋenda okwogera. Mulabe leero abaana b'omukazi omwenzi. Afufuggazza amawanga okuyita mu nkola y'obufuzi ey'ebibiina by'amadiini, omukazi omwenzi wamu ne bawala be. Mulabe omugigi gw'ebibiina by'amadiini ogw'amaanyi ogusituse, n'abatuukirivu bwe bali abatono ennyo. Temweraliikirira. Munywerere ku Kigambo. Buli kimu kiri bulungi.

181 Oyinza okusekererwa, ne bakuyita omutukuvu eyeevulunga. Oyinza okuyitibwa buli kimu kyonna, buli linnya lyonna ebbi. Naye, nywerera awo wennyini, ekyo Kye Kigambo, ky'ekivume ky'Ekigambo, byonna bye banaakwogerako.

182 Waliwo omuvubuka omu, ayinza n'okuba waali enkya ya leero. Mukwano gwange; Jim Poole, omuto Jim, aba—abantu be. Baamubuuza luli. Kati, yabatirizibwa wano. Waliwo eyamubuuza, nti, "Naye kati bw'oba wali oyagala kubatizibwa mu kkanisa, lwaki tewafunayo waakiri ekkanisa, etegeerekeka?" Mukiraba? Naye yalaba Omusana. Ekyo kyali kimala. Mukiraba?

183 "Abaana b'obutali butuukirivu bangi nnyo okusinga ab'obutuukirivu." Weewaawo. Kale. Nga ba lubatu nnyo, abali ku ludda lw'obutuukirivu! Laba bwe baali ab'olubatu mu biro bya Nuuwa. Okiraba? Laba bwe baali mu biro bya Sodomu. Mukiraba? Abatuukirivu nga ba lubatu nnyo!

184 Malaaya nga alina abaana bayitirivu obungi! Weewaawo bo abaana abazaala mu buli ngeri yonna gy'aba asanze, naye baana abeebolereze. Malaaya azaala malaaya. Embwa ezaala mbwa.

185 Ne Kristo azaala bafukiddwaako mafuta. Bayibuli ezaala batuukirivu, n'olwekyo eky'okuba abatono tulina okukigumira. Nga kintu kya muwendo nnyo!

186 Tunuulira ekkanisa eri ey'ekitalo ey'Abaefeso, yalimu kkumi na babiri bokka. Weewaawo. Tunuulira ekibinja kye tulina leero, okigeraageranye na bali. Weewaawo.

Waaliwo emmeeme munaana zokka mu biro bya Nuuwa.

187 Waaliwo ttaano zokka mu nnaku za Lutti, nedda, zaali nnya; Lutti ne mukyala we, ne bawala be babiri. Ate mukyala we bwe yamala okufulumayo n'afuuka empagi ey'ejjinja, bwe yakyuka n'atunula emabega. Ekituufu kiri nti, zaali ssatu zokka ze zaafulumayo mu kiseera ekyo.

188 Yesu n'agamba nti, "Nga bwe kyali mu biro ebyo." Na bwe kityo tusaanye okubeera bulindaala n'okwegendereza. Abatuukirivu nga batono nnyo! Naye, era nga bwe kibaddenga, abasekerezi bateekwa okuseka. Obug-. . . Gumira ekivume eky'obugumba, okusooka. Bannange!

189 Nnina okwanguwako. Ndi . . . Ssaagala . . . Njagala kuyamba baana bano abato. Muŋŋumiikirizeemu katono. Olaba?

190 Lubeerera abantu beeyisa mu ngeri y'emu tebakyuka. Kati waliwo kye ŋŋenda okuddamu okwogera. Era njagala mu . . . Ssimanyi oba nga bikwatibwa ku lutambi, oba nedda. Naye bwe biba bikwatibwa ku lutambi, njagala mumpulirize, mmwe abawuliriza olutambi. Temukisubwa, naye mukyekkaanye mukyetegereze. Omuntu leero akolera ddala nga bw'azzenga akola ebbanga lyonna. Atendereza Katonda olw'ebyo bye Yakola; n'alindirira okulaba by'Anaakola mu maaso; naye ate n'abuusa amaaso by'Akoze ne by'ali mu kukola mu kaseera ak'obuliwo. Atendereza Katonda olw'ebyo bye Yakola; n'alindirira okulaba by'Anaakola; naye ate n'abuusa amaaso ebyo Katonda by'ali mu kukola mu kaseera ak'obuliwo, era mu kukola atyo ekinyusi ky'ensonga kyonna n'akisubwa. Ka nsuubire bakifunye. Mukiraba? Abuusa amaaso ekyo ky'Ali mu kukola mu kaseera ak'obuliwo! Amanyi kye Yakola; era amanyi n'ekisuubizo ky'ebyo by'Anaakola; naye alemererwa okulaba ky'Ali mu kukola mu kaseera ak'obuliwo.

191 O, mmwe Abapentekoote, nneewuunya oba ekyo ssi ye mmwe be kituukirirako! Mulina kye mulindirira okubaawo: naye nga bulijjo, nga kyabaawo nga mulaba, naye temwakimanya. "Mirundi emeka gye Yayagala okubawambaatira, nga enkoko bw'ewambaatira obwana bwayo, naye ne mutamuganya." Mwakuliriza nnyo obulombolombo bwammwe n'ebibiina byammwe eby'amadiini okusinga Ekigambo Kye n'Omwoyo We. Weewaawo.

192 Nga kyali kivume kinene eri Malyamu! (Nga bwe tumaliriza.) Nga kyali kivume kinene eri Malyamu ne Yusufu, olw'Ekigambo Kye! Kiseera kya Ssekukkulu. Nnabadde

nteeseteese okukyogerako katono, naye mujja kuwulira bingi ebikyogerwako ku leediyo ne ku basumba, n'awalala. Nga kyali kivume kya maanyi eri Malyamu ne Yusufu, okwenywereza ku Kigambo kya Katonda eky'ekisuubizo! Mujjukire, kati. Ddala okwenyinyimbwa okwo, n'okukimba, bwe baalaba Malyamu mukazi wattu nga ayitawo, nga balaba Yusufu. "Oyo gw'ogenda okuwasa malaaya." Mukiraba? Ate jjukira, ow'oluganda, nti mu biro ebyo bwe wakwatibwanga mu bwenzi wattibwanga buttibwa. "Kati nno, bw'oba toyagala attibwe. Ye gwe anaaba avunaanyizibwa ku lubuto lwe." Era, naye, mujjukire nti, ekiseera ekyo kyonna, Katonda ye yali akolagana nabo, era nga kyali nga Ekigambo bwe kyali kigamba. Naye bali tebaakimanya. Mukiraba?

193 "Embeerera erizaala omwana." Ekyo Yusufu yali akimanyi. Malyamu yali akimanyi, kubanga, oluvannyuma nga Ekigambo kyaggwa okuwandiikibwa, waaliwo Malayika eyayogera nabo, nga akakasa, manya nga ayolesa Ekigambo kyennyini ekyawandiikibwa, nti kigenda kutuukirira. Kati muleke kuloota. Mulowooze. Omwoyo Omutukuvu yakka ku nsi; naye teyayogera eri kibiina kyonna. Yayogera gye bali.

194 Yusufu yatunula. Kati Malayika bwe yali tannamukyalira, yagamba nti, "Eky'amazima, kwo, okumwagala mmwagala. Naye, ndi musajja mutuukirivu. Ssiyinza kuwasa mukazi ali bw'atyo."

195 Malayika wa Mukama kye yava amulabikira, mu kirooto, n'amugamba nti, "Yusufu, ggwe omwana wa Dawudi, totya kutwala Malyamu mukyala wo, kubanga olubuto lw'alina mu nda ye lwa Mwoyo Mutukuvu." Ha, bannange! Nga kubudaabudibwa kwa maanyi! Mukiraba?

196 Ne, Malyamu, bwe yali agenda ku luzzi. Omuwala omuto atamanyi musajja, wa myaka nga kkumi na musanvu, kkumi na munaana, nga agenda kufumbirwa omusajja eyali yawasaako nga alina n'abaana bana; omusajja omukulu. Naye yali... Omuwala ono yali ayagala omusajja, naye—naye nga tamanyi lwaki amwagala. Nga n'omusajja ayagala omuwala, naye nga tamanyi lwaki amwagala. Era baabano. Kati wuuno, agenda ku luzzi, okukima amazzi, nga bw'agenda afumiitiriza nga bw'ayiga ku bintu bye yali—ateekwa okuba yali alowooza ku, Byawandiikibwa, awo ne waba Ekitangaala ne kyaka mu maaso ge. Ekitangaala ekyo bwe kyayaka, ne walabika Malayika nga ayimiridde.

197 Muli nneebuuza ku butya Malyamu bwe yawulira? Wali olowoozezzaako ku butya bwe yawulira? Nneewuunya oba yawulira nga atidde nga bwe nnawulidde eggulo.

198 "Mirembe, Malyamu!" *Mirembe* kitegeeza "yimirira." "Wuliriza bye ŋŋenda okukugamba. Oli wa mukisa mu bakazi bonna, kubanga ofunye okuganja okuva eri Katonda, era

ogenda kuzaala Omwana. Wadde tomanyanga musajja yenna, naye ogenda kuzaala Omwana. Era ne kizibwe wo Elizabeesi, wadde, akaddiye, naye kati ali lubuto, era agenda kuzaala omwana. Era obubonero buno bujja kukolebwa."

N'abuuza nti, "Kirisoboka kitya bino okubaawo, nga, nze ssimanyi musajja yenna?"

199 N'amugamba nti, "Omwoyo Omutukuvu agenda kukusiikiriza. Ekintu ekyo Ekitukuvu ky'olizaala kiriyitibwa Omwana wa Katonda."

200 Abasekerezi leka boogere byonna bye baagala okwogera. Yali akimanyi. Yali akimanyi nti kigenda kubaawo, kubanga bw'atyo Katonda bwe yakyogera.

201 Kati, nga ateekwa okuba nga yawulira nga tayala, ku lunaku olwo olw'okuwaayo omwana, manyanga olw'okujja okukomola Omwana, bwe yeesanga nga atambula bw'akutte Omwana ono mu mikono gye, *bw'atyo*. Nga abakazi bonna bwe bamwesega, nga bonna bazze ne bye baasona, okuwaayo abaana baabwe n'okubakomola, nga kyenkana buli omu ku bo bw'asika omwana gw'endiga. Naye ye yalina mayiba abiri, ag'okutukuzibwa olw'okulongoosebwa kwe. Nga Omwana ali mu ngozi, eyali ekoleddwa mu kiwero ekyali kiggyiddwa ku kikoligo ky'oku mabega g'obulago bw'ente ennume, ku kikoligo, ekiwero kye baasibanga ku mugongo gw'ente ennume. Kye kyakozesebwa nga engozi eyateekebwa mu mmanvu. Omwana tebaalina bugoye bwonna bwe bamutegekedde. Baali baavu nnyo. Bambi nga mukazi wattu ayimiridde awo.

202 Awatali kubuusabuusa, abakazi bonna bateekwa okuba beesega omuwala omuto ono atamanyi musajja. Nga bwe bagamba nti, "Mumulaba, yazaala omwana omweboolereze." Naye ddala laba engeri Katonda gy'aleetera ebintu okulabika nga eby'ekiralu. Ha, bannange! Abuzaabuza Ssetaani n'amuguumaaza akkirize ekyo ky'alaba naye nga si bwe kiri. "Nga bwonoonefu bwa kika kya waggulu! Nga bucaafu obusukkiridde! Obwo bwenzi. Oyo omuwala bwe yakola. Oyo malaaya." Ekyo tekyayimiriza kukuba kwa mutima gwa Malyamu. Bonna Omwana baamwesega.

203 Na buli kati bakyakikola, leero bamuyita amannya nga, "Omutuukuvu eyeevulunga, oba omuzoole," oba amannya ag'engeri eyo.

Malyamu yali amanyi Nnannyini Mwana oyo. Yasirika busirisi, mu byonna ebyali bigenda mu maaso.

204 Naye, ddala, baalemwa batya okulaba, Simyoni, gye yali atudde mu kisenge, eyali yaweebwa ekisuubizo? Yagendanga, alagula. Nga bw'agamba nti, "Mukama yandabikira." N'aŋŋamba nti, "Ssijja kufa . . . " Nga w'ayogerera ebyo aweza emyaka egisoba mu kinaana. "Ssijja kufa nga ssinnalaba bulokozi Bwe."

205 "Leka naawe, Simyoni, okaddiye. E—e. . .Nnamukadde obwongo tebukyakola bulungi, omanyi, alina. . .Oyo mumuveeko. Talina bulabe bwonna. Tewali gw'ajja kukola kabi."

206 Naye Simyoni yalina Ekigambo kya Mukama, yagamba nti, "Nnalaba Omwoyo wa Katonda nga akka ku nze. Nnayimirira ne mmutunuulira. N'aŋŋamba nti, 'Simyoni, obadde musajja mutuukirivu. Era togenda ku. . . Ŋŋenda kukufuula obujulizi eyo mu bantu.'" Uh-huh. Ky'ekyo.

"Ekyo Ogenda kukola kyaki, Mukama?"

"Gwe ekyo Kindekere."

207 Nze ndowooza yakikola, Asobole okubayiwako olunyata lw'omuliro, ku Lunaku luli. "Mwalina omujulirwa mu makkati gammwe. Lwaki temwamuwuliriza?"

208 Ne muzibe nnamukadde Ana, yaliwo nga atudde mu yeekalu, nga asaba. Mukama n'akimubikkulira nti, "Simyoni mutuufu." Amiina. Yali takyalaba bulungi nga tasobola kwawula budde bwa misana ku bwa kiro, naye yali asobola okulengera wala okusinga abantu bangi leero abalina amaaso agalaba obulungi. Yakiraba, mu Mwoyo, nti Masiya eyali ow'okujja anaatera okutuuka, nga Omwoyo atambula mu mutima gwe.

209 Mulaba Ekkanisa ey'omu kiseera ekyo bwe yali ey'abantu ab'olubatu obubatu? Zaakaliya, Elizabeesi, Malyamu, Yokaana, Anna, ne Simyoni; abantu mukaaga bokka okuva ku bukadde n'obukadde bw'abantu abaaliwo. Era nga bwe kyali ne mu biro bya Nuuwa. Abantu mukaaga bokka. Buli omu ku bo Katonda yakolagananga naye. Bonna baali bumu. Nga bonna bakwatagana. Amiina.

210 Wuuno, nnamukadde Simyoni. Ne baleeta Omwana ono omuto. Yali tawuliranga ku bimukwatako. Omwana n'aleetebwa. Nga Simyoni ali eri mu kasenge ke atudde, Omwoyo n'amukkako, n'amugamba nti, "Fuluma, Simyoni."

211 Wuuyo n'afuluma, n'atambula, nga ne gy'alaga tamanyiiyo. Okufaananako ne Ibulayimu, yalina ky'anoonya. Yali tamanyi we kiri, naye yagenda mu maaso nga atambula. Bwe waayitawo akaseera, n'ayimirira. Omwoyo Omutukuvu ateekwa okuba yamugamba nti, "Wuuyo."

212 N'agolola emikono gye, eri emikono gya Malyamu, n'asitula Omwana mu mikono gye. N'atunula waggulu n'agamba nti, "Ayi Mukama, kaakano leka omuddu Wo awummule mirembe okuva mu bulamu buno. Amaaso gange galabye obulokozi Bwo." Ekintu buli muntu kye yali asekerera, abakazi kye baali beesammula, Simyoni ye n'agamba nti, "Buno bwe bulokozi Bwo, ayi Mukama."

213 Mu kaseera ke kamu ako, ne wajja omukazi omukadde omuzibe w'amaaso, nga ajja awammanta okufuna w'ayita, nga

bw'atagalatagala okuyita mu kibiina. N'ajja n'atuuka Omwana we yali, naye n'alagula, kubanga yali amulindiridde. N'agamba Malyamu nti, "Weewaawo ekitala kirifumita omutima gwo, naye Kino kiribikkula ebirowoozo by'emitima gy'abantu bangi." Olaba? Ekyo kyali kiki?

214 Kati, muli nzikiriza nti, abamu ku bakazi abo abaaliwo balabika baagamba mbu, "Naye ddala laba ekigenda mu maaso! Ggwe aboogera olaba bagwa mu ttuluba lya bantu kika ki? Ggwe naawe laba. Tobalaba? Kyeraga kyokka. Ggwe tolabye bwe kitandise? Kitandikidde ku nnamukadde oli, aliko ekikyamu ku mutwe. Oli wali eri, y'ayimiridde mu maaso g'omuwala oyo malaaya, nga agezaako okwogera ekintu eky'engeri eyo. Oyo y'akitandise. Nga ayogera mbu ku Mwana oyo omweboolereze. Kati mazima laba nnamukadde Anna, atudde wano eno, amaze ebbanga nga yeerumya enjala katono afe n'okufa, mbu asiiba. Ne yeeresa ebinyumu byonna bye tunyumirwa. Naye, kati wuuyo, mulabe. Yali asobola okubaako ekimu ku bibiina eby'obwegassi mu kitundu kino kye yeegattako. Amaka mw'ava maka malungi nnyo, okiraba, kale yali asobola okufuna ekibiina kwe yeegatta. Naye wuuyo. Abantu abo obalaba bwe bajja beekuŋŋaanya nga bwe bafaanagana?" Ha, weewaawo. Amiina.

215 Kye kimu ne leero. "Tutudde mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu, nga Omwoyo Omutukuvu atuyimusizza." Mazima ddala. Yee, ssebo.

216 Ha, tukyasigazzaayo obudakiika obutonotono? Waliwo kye njagala okwogera. [Ekibiina kiddamu nti, "Weewaawo."—Omuk.]

217 Nninawo abantu abalala wano, be ndaba, mu kiseera kiri Ekigambo bwe kyali kirabisibwa, abasajja abagezigezi.

218 Nyabula ssinga mbadde n'obudde, Fred, n'okinsomera. Okirina mu nsawo yo? [Ow'oluganda Fred Sothmann addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Nzikiriza bangi ku mmwe mwakiraba mu magaziini.

219 Ekintu Omwoyo Omutukuvu kye yayogera emmanga wano eno ku mugga, emyaka asatu mu esatu egiyise, baakakivumbula. Ddesemba nga 9, baakakasa, ebikwata ku nsonga eri ey'ebyaka mu bwengula, engeri—engeri sseŋŋendo Jupiter eyo n'emmunyeenye ziri endala, mu kibinja kyazo!

220 Balina kalen-..., balina ebiwandiiko eby'edda ebiraga emmunyeenye bwe zitambula, bye baazuula. Ekyo ky'ekiseera kyennyini ekibinja kino we kyalabikira, mu kibinja ky'emmunyeenye zino, ne zikka nga zoolekera e Babulooni, abasajja abagezigezi ne basobola okukikkoppolola okutegeera amakulu gaakyo. Mukijjukira? Zaayisiŋŋanya mu nkulungo yaazo mwe zitambulira, ne zikka wansi, olugendo olwenkana obuwumbi n'obuwumbi bw'emyaka egy'ekitangaala. Bwe batyo abasajja abo Abayudaaya abagezigezi abaali e Babulooni,

ne balaba ekibinja ekyo nga kiyingira mu kibinja ekyo, eky'emmunyeenye ezo. Emmunyeenye ssatu zajja, ne zeegatta wamu, ne zikola emmunyeenye eyo emu ey'enkya. Ate nga baali bakimanyi okusinziira ku Kigambo kya Katonda, nti ekyo ky'ekiseera, emmunyeenye ezo we zisisinkanira, Masiya w'alina okubeera ku nsi.

221 Y'ensonga lwaki baatandika okubuuza nti, "Ali ludda wa, oyo azaaliddwa Kabaka w'Abayudaaya? Ali ludda wa? Alina w'ali! Kubanga, emmunyeenye ezo bwe zirabika, emibiri gyazo mwe gyakaayakanira ne gyegatta wamu ne gikola omubiri guno ogw'ekitalo ogwakaayakana, zonna essatu ne zitambulira wamu, Masiya aliba ali ku nsi mu kiseera ekyo." Era bwe zaatambulira mu nkulungo yaazo, abasajja abo baakitegeera nti Masiya ali ku nsi.

222 Baali bakugu mu kye baakugukamu. Baali basajja ba kitalo. Baali baakuguka mu ssaayansi eyeekuusa ku by'enzikiriza. Baali bekkaanya amakulu ge kirina ku ludda olw'enzikiriza. Era bwe baalaba emmunyeenye ezo nga zitambula, Jupiter ne Sargas, ate oluvannyuma ne zidda mu—nsengeka yaazo. Ne bagamba nti, "Tumanyi nga Masiya alina w'ali. Kati, Ateekwa kuba nga ali Yerusaalemi, kubanga ekyo ky'ekifo ekikulu eky'eddiini mu nsi, eky'eddiini ya Masiya. Ekyo kye kitebe kyabwe ekikulu. Ky'ekitebe ekikulu eky'amadiini. Eyo akakiiko akakulu akatwala amadiini gye katuula."

223 Ne beebagala embalaasi ne batambula okumala, emyaka ebiri, ne basomoka Omugga Kidekeri, ne bayita mu bisaalu ne mu bibira, nga bali mu lugendo, bagenda mu kibuga, nga emitima gyabwe gijjudde essanyu.

224 Baakitegeera bwe baalaba emmunyeenye ziri nga ziri waggulu mu bbanga. Era kino, n'abekkaanya eby'omu bwengula bagamba nti, leero, "Eky'amazima ssinga, emmunyeenye ezo, zikomawo mu kifo ekyo omulundi omulala, ziba zijja kukola emmunyeenye emu, nga basinziira we baali bayimiridde, nga beetegereza." Naye baalina kuba nga baayimiridde mu kifo ekyo, okusobola okugiraba. Amiina. Amiina.

225 Kisinziira ku wa w'oyimiridde. Kisinziira ku kiki ky'otunuulidde. Uh-huh. Weewaawo.

226 N'olwekyo baagiraba, era ne bagigoberera, era baali bagiteebeddemu. Ne bwe baagendanga wa yonna, yasigala eri nabo. Yabakulembera. Mukiraba?

227 Bw'otyo bw'olina okukwataganya Ebyawandiikibwa byonna wamu ne biba nga bikwatagana, mu buli kimu, bw'omala okukikola Ebyawandiikibwa ebyo obitambuliremu. Eyo y'engeri yokka. Bijja kukukulembera butereevu bikutuuse gy'Ali. Mazima ddala bijja kukikola.

228 Kaakati mwetegereze. Baabano ne bajja nga boogerera waggulu, nga babuuza nti, "Ali ludda wa, oyo azaaliddwa

Kabaka w'Abayudaaya?" Baggukira Yerusaalemi, Emmunyeenye yabakulembera n'ebatuusayo, awo wennyini ku kitebe ky'ebibiina by'amaddiini. Naye bwe baalekera awo okugigoberera, Emmunyeenye n'ebabulako. Baabo ne beesogga ekibuga, ne batambula buli wamu wonna ku nguudo. Baalowooza nti ekibuga banaasanga kijjudde essanyu lya Katonda. Baagenda batambula ku nguudo, n'essanyu, nga batambula, bwe baleekaana nga babuuza, "Aliwa Oyo azaaliddwa Kabaka w'Abayudaaya? Twalaba Emmunyeenye Ye bwe twali mu Buvanjuba, era tuzze okumusinza."

229 Mujjukira, Emmunyeenye, baasimbula boolekera bugwanjuba. Baali mu Buvanjuba. "Nga twolekedde ebugwanjuba, tutambula tugenda mu maaso. Tukulembere eri. . . " Mukiraba? Ddala baali. . .Baali. . .Kati weewaawo, Babulooni ne Buyindi biri mu Buvanjuba bwa Palestina, biri nga mu bukiikaddyo bwa buvanjuba. Naye bo baali boolekera bugwanjuba. "Nga twolekedde ebugwanjuba," mumanyi oluyimba olwo nti, "tutambula tugenda mu maaso. Tuluŋŋamye tutuuke awali Ekitangaala ekyo ekituukiridde." Mukiraba? Baali, abasajja abagezigezi, baali bajja bugwanjuba. Baali bava Buvanjuba, nga bagenda bugwanjuba, ne balaba Emmunyeenye eyo. Kati, singa baali Bugwanjuba, bwe banditunudde emabega, bandibadde tebagiraba. Mukiraba?

230 Bo, bwe baatuukayo, Emmunyeenye yabakulembera n'ebatuusaayo, n'eryoka ebabulako. Ne bagamba nti, "We wano. Emmunyeenye egenze, we wano." Nga bali mu kibuga. Kitegeeza, "Ha, bannange," ne bagamba, "buli omu ali mu kuyimba era musanyufu. Ekitiibwa kya Katonda kimulisizza buli kintu. Kitegeeza, tutuuse.Tuli bakakafu—tuli bakakafu nti kye twazuula mu kwekenneenya kwaffe, bwe twali twetegereza ekibinja ky'emmunyeenye ekyo, tukakasa nga tewali muntu yenna, tewali mukugu yenna, ayinza kwambuka waggulu eyo n'asisinkanya mmunyeenye ezo ne ziba wamu. Era tumanyi, nti—nti emmunyeenye ezo bwe zeegatta awamu ne zikola omubiri gumu ogwo ogwakaayakana, ekyo ky'ekiseera Masiya w'abeerera ku nsi. Masiya aba ali ku nsi."

231 Era buli luvannyuma lwa myaka egiri eyo mu bikumi, emmunyeenye ezo ziddamu ne ziyisiŋŋanya mu bibinja byazo, olaba, era ne wabaawo ekirabo ekijja ku nsi. Mwekkaanye.

232 "Masiya aba ali ku nsi, mu kiseera—mu kiseera ekibinja ky'emmunyeenye ezo we zikwataganira awamu." Era baali bakimanyi nti Waali, bwe batyo kye baava bagenda ku kitebe ekikulu ky'eddiini, ne batandika okugenda, nga bwe bagamba, nga batambula wonna ku luguudo, n'eŋŋamira ezo nga bwe babuuza nti, "Aliwa? Aliwa? Aliwa Oyo azaaliddwa Kabaka w'Abayudaaya? Twalaba Emmunyeenye Ye mu Buvanjuba. Alina Waali mu kitundu kino. Aliwa? Aliwa? Aliwa?" Huh! Ekyo nga kivume kya maanyi!

233 Ne bagenda eri kabona omukulu. N'agamba, alabika yababuuza nti, "Ate mmwe bassebo ogubadde? Mubadde ki, mmwe bazoole mmwe!" Mukiraba? Nga kyali kivume kya maanyi nnyo, eri ekyo kye baazuula mu kunoonyereza kwabwe okwa ssaayaansi! Olw'amaanyi ga Katonda, baalaba Emmunyeenye Ye. Era baali basajja bagezigezi, abakenkufu. Baali bakugu mu ssaayanasi eyeekuusa ku by'enzikiriza. Era baali bakimanyi nti, emmunyeenye ezo kasita zituuka awo, kitegeeza Masiya alina w'ali. Kyokka ate erudda wano eno, mu kifo awaali abaalina okuba nga bakimanyi, baali tebamanyi yadde n'ekimu ekikwata ku Mmunyeenye.

234 Nkubamu akafaananyi, nga ndaba abaana bayimiridde ku luguudo, bagamba nti, "Bannange! Lengera. Bannange! Abo ddala bazoole. Wulira, bwe babuuza mbu, 'Ali ludda wa Oyo, azaaliddwa Kabaka w'Abayudaaya?' Tebakimanyi nti wano Kerode ye kabaka afugawo. Tebakimanyi nti lino ttwale lya Mulabirizi *Gundi*." Ha, bannange!

235 "Aliwa Oyo azaaliddwa Kabaka w'Abayudaaya? Twalaba Emmunyeenye Ye mu Buvanjuba."

236 Ne balangirira nti, "Mukuŋŋaane, mmwe mwenna abasajja abagezigezi, mujje wano." Uh-huh. "Mujje wano. Bwe mutunula mu bwengula mulina Emmunyeenye yonna gye mulabayo?"

"Ha, nze ssirabangayo kintu nga Ekyo."

237 "Mmwe mwenna abalengera eby'omu bwengula mukuŋŋaane mujje wano. Mulina Emmunyeenye yonna gye mwali mulabye mu bwengula?"

"Nedda. Nedda."

"Mulina ekintu kyonna kye mwali mulabye ekyekuusa ku kabonero akatali ka bulijjo?"

"Nedda. Tetulabanga ku kintu kya ngeri eyo. Nedda."

238 Ne leero, tebakiraba. Era nga bwe kyali luli. Tebalina kye balaba. Tebasobola kugiraba.

"Uh, leka tuyite—abaweereza. Mmwe mulina kye mwali mulabye?"

"Nedda. Tetulabanga ku Mmunyeenye yonna."

239 "Kati, ate mmwe abalondoola ebiseera nga bwe bitambula, wano eno ku kisenge? Mwekkaanya entambula y'emmunyeenye ez'enjawulo. Mumanyi buli. . .Mumanyi buli kibinja kya mmunyeenye ekiri mu bwengula. Mumanyi buli mmunyeenye. Mulina kye mwali mulabye?"

"Nedda. Tetulina kintu kyonna kye twali tulabye." Naye ate nga Emmunyeenye yaliyo.

240 Ekitiibwa kibe eri Katonda! O, bannange! Temugiraba? Ne kaakati weeri, naye tebasobola kugiraba. Weeri egenda, yeetooloolera we bali, naye tebasobola kugiraba.

241 "Nedda. Ffe tetulina kye twalabayo. O, nnagendayo. Naye ssirina kye nnalaba." Kituufu, togiraba. Amaaso go mazibe nnyo. Tekyakuweebwa kugiraba. Okiraba? Bw'oba oli muzibe obwenkanidde awo, ddala, eky'amazima, tojja kugiraba.

242 Ejja kulabibwa abo bokka Katonda b'anaagibikkulira. Be bokka abanaagiraba. Bulijjo bwe kityo bwe kibaddenga. Mazima.

243 Nuuwa yekka ye yasobola okulaba enkuba mu bire, omanyi, naye abasigadde bonna baali tebasobola kugiraba. Mukiraba? Tebaasobola kulaba nkuba waggulu eyo, naye Nuuwa yagiraba.

244 Ibulayimu yekka y'eyali alaba Saala nga asitudde omwana. Bwe kiri. Ssi abasekerezi abaamukudaaliranga nga bamubuuza mbu, "Ssebo kitaawe w'amawanga, kati abaana olina bameka?"

245 Ekyo nga tusobolera ddala okukirondoola okuyita mu Bayibuli yonna, abagezigezi ne bannabbi, abaali babaddewo! "Okukkiriza kye kinyweza ebintu ebitalabika." Bakimanyi nti Ekigambo kyakyogera, naye kati kiikino. *Buubuno* obukakafu bwakyo. Bakiraba. Kaakati mwetegereze. Ha, bannange!

"Emmunyeenye gye mwogerako abagezigezi baffe tebagiraba. Emmunyeenye eyo teriiyo."

246 Lwaki? Ekituufu kiri nti, bwe baabanga beetegereza nga baginoonya, ne bayingira munda wamu n'ekibiina eky'engeri eyo, Emmunyeenye yabulangawo.

247 Kye kimu ne leero. Emirundi mingi ekyo kye kiviirako n'Omusana okuzikira, bwe kiri, guzikira lwa kwesibagana na kibinja kya ngeri eyo, ekitakkiriza na Musana ogwo, okusooka kwa byonna. Kati tunaabeera tutya n'o—n'okwegatta awamu kw'amakanisa? "Tunaayinza tutya okutambulira awamu nga tetukkiriziganya?" Wanaabaawo watya okussa ekimu kuno okwa. . . kuno okwa, ensi yonna, okw'ama—amakanisa gonna, amakanisa ageeggasse awamu? Tuneegatta tutya awamu, nga ate twawukanye obukadde n'obukadde bwa mayiro? Mukiraba? Tunaakikola tutya? Twegatte n'abakkiririza mu Njiri, na *bano*, ne *bali*, ne *bali*, ffenna twegatte wamu, naye nga twegattira mu kibinja ekijjudde obwonoonefu obwenkanidde awo.

248 Katonda ali mu kwefunira Omukyala omulongoofu, omutukuvu, atali mwonoonefu, anywerera ku Kigambo Kye. Kale.

249 Ekivume kya Yesu kye yagumira olw'Ekigambo. (Bwe tukimala tumalirize, mu kaseera katono nnyo.) Yesu yagumira ekivume olw'Ekigambo. Kati mulabeeyo. Yakkiriza Atya okugumira ekivume, nga ate Ye yali Katonda mwene, ayambadde omubiri gw'omuntu? Yali Katonda, Yennyini, ayambadde omubiri.

250 Kati, mukimanyi bulungi nti Bayibuli bw'etyo bw'egamba. "Twamukwatako. Bamalayika baamulaba." Kirowoozeeko.

Nzikiriza bwe kityo bwe kiri mu Timoseewo. Mukiraba? Nti, "Awatali kukubagana mpawa ekyama ky'obwakatonda ddala kikulu; kubanga Katonda yalabisibwa mu mubiri, n'alabibwa Bamalayika."

251 Bamalayika baaliwo nga Azaalibwa. Bamalayika nga bateekwa okuba nga baatunula wansi ne bajaganya, bwe baatunula mu mmanvu ne balaba Katonda nga ayambadde omubiri. Amiina. Tekyewuunyisa okuba nga baatandika okusagambiza nga bwe bagamba nti, "Olwa leero, mu kibuga kya Dawudi, Kristo Omulokozi azaaliddwa." Bamalayika baajaganya, ne bakuba wamu ebiwaawaatiro byabwe, waggulu ku busozi bwa Buyudaaya, ne bayimba nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda ali waggulu ennyo, n'emirembe ku nsi, gibe eri abantu abasiimibwa." Baalaba Ekigambo kya Katonda, kye baali baalindirira, okukiraba nga kirabisibwa. Kaakano nga kye Kiikyo kirabisiddwa.

252 Kati, mukimanyi nti, ekyo Ssetaani teyakikkiriza. Yamugamba nti, "Bw'oba nga ye Ggwe. . . "

Naye Malayika yagamba nti, "Ye ye." Eyo y'enjawulo.

"Bw'oba ye Ggwe, kola *kino-na-kino*. Leka tukulabe nga Okikola."

Naye ye Malayika yagamba nti, "Wuuyo."

253 Abasajja abagezigezi n'amagezi gaabwe aga saayaansi ow'eby'eddiini, baagamba nti, "Wuuyo." Amiina.

254 Y'ensonga lwaki abakugu abeekenneenya ebintu eby'edda n'ebirala leero bavumbula ebintu ebitali bimu, ebyalagulwa emyaka nga giigyo emabega, nti bijja kubaawo. Era kati baabano, balina bye bazuula. Teba. . .

255 Teri na byafaayo byali bikakasizza nti ku nsi kwali kubaddeko omuntu ayitibwa Pontiyo Piraato. Ekyo mubadde mukimanyi? Mmwe abaana b'essomero mumbuulire wa mu byafaayo we bigamba nti waali wabaddewo omuntu ayitibwa Pontiyo Piraato. Awo abatakkiriza ne bakifuula ekisekererwa ne bajerega, ne bagamba nti, "Tewabangawo mu—Muruumi mufuzi wa ttwale ayitibwa, ga—gavana ayitibwa, Pontiyo Piraato." Naye mu wiiki nga mukaaga eziyise, baazuula ejjinja ery'oku nsonda: nga liwandiikiddwaako nti Pontiyo Piraato, gavana. Ha, bannange! Teebereza ekintu ekitaliimu nsa nga ekyo!

256 Baagamba mbu, "Tewabangawo muntu ayitibwa Lamesesi mu byafaayo, Lamesesi nga afuga Misiri." Naye baazuula ejjinja, abayiikuula ebintu eby'edda: nga liwadiikiddwaako nti Lamesesi ow'okubiri. Mwetegereze.

257 Baagamba n'okugamba mbu ebisenge biri tebyagwako wansi. Naye abakugu abeekenneenya ebintu eby'edda bwe baali basima, baagenda, okugira bati, baasima ne bakkira ddala, wansi eri mu kifo ekyo ebisenge bya Yeriko we byagwa, nga

bwe mumanyi, ekkondeere bwe lyavuga. Baagambanga mbu, “Olwo lwali lufumo bufumo, omuntu omu lwe yanyumya, lwe baayimbangako mu biseera biri eby’edda.” Weeewaawo. Omusekerezi ebyo byonna abyogera. “Olwo lwali lufumo bufumo. Tewabangawo kintu kya ngeri eyo mbu ebisenge ne bigwa, mbu Yoswa n’afuuwa ekkondeere, ne baddduka ne beetooloola ebisenge ne bigwa. Tewabangawo kintu kya ngeri eyo.” Naye ne wabaawo Omukristaayo omu omukugu ow’ekitalo mu kwekenneenya ebintu eby’edda n’agenda mu maaso nga ayiikuula, kubanga mu ye yali akakasa nti kiteekwa okuba nga kyaliwo. N’ayiikuula fuuti nga amakumi asatu wansi mu ttaka, okusukka bali abalala we baakoma. Nga ku bisenge kw’akuba amaaso, nga byetuumye buli kimu ku kinnaakyo, kyennyini ddala nga Ekigambo bwe kyagamba.

258 Baagamba mbu, “Tewabangawo kintu nga okugamba mbu Dawudi n’asuna ekivuga, eky’ennanga ey’enkoba, kubanga ebivuga eby’enkoba ebisunibwa obusunibwa byali tebinnavumbulwa okutuusa mu kyasa eky’ekkumi n’ebitaano.” Ne bagamba nti, “Tewabangawo kintu nga ekyo.” Abakristaayo abeekenneenya ebintu eby’edda ne bayiikuula ne bakkirira wansi, mu nsi y’e Misiri. Okugenda okukizuula nga emyaka nkumi nnya emabega, baalina ebivuga eby’enkoba. Amiina. Ha, bannange!

259 Baayogera, ku ky’abaana Abaebbulaniya okukola amatofaali n’ebintu bwe bityo, nga bakozesa essubi ne bagamba mbu, “Ekyo tekibangawo.” Abeekenneenya ebintu eby’edda ne bayiikuula wansi mu ttaka. Kiki kye baazuula? Oyo ssaayaansi. Kiki kye baazuula? Ebisenge by’ekibuga Abaebbulaniya kye baazimba, omwaliiro ogusooka gwali gwazimbibwa bbulooka ezaakubibwa okuva mu ttaka eritabuddwamu olusenke; ogw’okubiri nga gwa bbulooka ezaakubibwa mu ttaka eritabuddwamu ebisubi ebitemeddwa obutundutundu; ate ogw’okusatu nga gwa bbulooka ezitaliimu ssubi, yadde. Ha, bannange!

> Amawanga gasasika, Isiraeri egolokoka,
> Obubonero bannabbi bwe baalagulako;

260 Yee, ssebo. Byonna bitusemberedde, ow’oluganda, mwannyinaze. Lwaki kiri bwe kityo? Mu myaka mitono egiyise, abazannyi ba ffirimu babadde tebakolanga kintu nga kino kye bakoze. Ku lutimbe lwa ffirimu bafulumizza ffirimu y’*Amateeka Ekkumi* eya Cecil DeMille. Ku lutimbe lwa ffirimu bafulumizza ffirimu y’obulamu bwa Yesu Kristo eyayitibwa *Ben Hur*. Ku lutimbe lwa ffirimu bafulumizza ffirimu *Omuvubi Nnakinku*, ekwata ku kulokoka kwa Peetero. Ne ffirimu z’eddiini endala zino zonna, abafulumya ffirimu ze baali baagaana okufulumya, ze baali battattana, ne bazisuula eri. Naye, Katonda, mu maanyi Ge ag’ekitalo, akkirizza ne ziwaguza ne zifulumizibwa, mu makkati g’ebyo byonna.

261 We twogerera, ebintu ebyo ebyayogerwa emyaka mitono egiyise, nga byogerwa omuweereza wa Katonda, owa wansi, atamanyiddwa, nze kennyini, nga nkozesebwa Katonda, bwe nnagamba nti, "Waliwo Ekitangaala ekyajja ne kyogera nange, ne kibaako bye kiŋŋamba okukola." Abantu baaseka ne bagamba nti, "Aliko ekikyamu ku mutwe." Naye ekifaananyi ky'Ekitangaala ekyo kiikyo. Ssaayaansi yakikuba ekifaananyi. Kiikyo. Ge Mazima.

Nnagamba nti, "Omukazi aliko ekisiikirize eky'okufa."

262 Ne bagamba nti, "Mbu ekisiikirize, naye bannange, oyo kacica mwereere. Ebyo ayiiya biyiiye mu mutwe gwe."

263 Naye ekifaananyi kiikyo. Katonda ajja kuleetera amayinja okwogerera waggulu. Asobola okukola ky'Ayagala.

264 Yesu, ekivume kye yagumira olw'Ekigambo. Mazima Omwana wa Katonda Mwene nga ayimiridde awo, Emanweri, nga kyali kivume kya maanyi! N'akkiriza omwonoonyi atakkiriza n'amusiba, n'amuwandulira amalusu mu maaso, n'amukuunyuula ebirevu, n'amusoomooza nti bw'Aba asobola kale abeeko ne ky'akola. Ekivume ku lw'Ekigambo! Uh-huh. Nsonga ki? Okusobola okutuukiriza Ekigambo kya Kitaawe. O! Naye, jjukira nti, Ateekwa okugumira ekivume eky'okufa. Katonda, Oyo atasobola kufa, okuba nti ate Ye yekka eyali asobola okufa okusobola okulokola omwonoonyi. Tewali mulala yenna, tewali muperesoona wa kubiri oba muperesoona wa kusatu yali asobola kukikola. Katonda Yennyini Ye yekka eyali asobola okukikola. Era Wuuyo nga akikola.

265 Yagamba nti, "Tewali muntu eyali alinnye mu ggulu wabula Oyo eyava mu ggulu, ye Mwana w'omuntu kaakano ali mu Ggulu." Amiina.

266 Baamugamba nti, "Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu."

"Naye baafa," bw'atyo bwe Yabaddamu.

"Kati Ggwe otugamba mbu Ye ggwe Mugaati ogw'Obulamu?"

267 N'abagamba nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI. Nze Mugaati ogw'Obulamu. Nze NDI."

268 Ne bamugamba nti, "Tonnaweza yadde emyaka amakumi ataano, nga Otugamba mbu 'walaba Ibulayimu'?"

269 N'abagamba nti, "Ibulayimu bwe yali tannabaawo, nga NDI." Naye n'aleka aboonoonyi ne bamusiba, ab'ekkanisa ey'ebibiina by'amadiini, ne bamusiba.

270 Mujjukira nti, mu nnaku ez'oluvannyuma, ekkanisa eno engagga eya Lawodiikiya, baamugoba, n'okumugoba, ne bamuggalira ebweru w'ekkanisa. Kati mulaba we kituuse? Mulaba ensonga lwaki nvumirira nnyo enkola eyo?

271 Lwaki Yesu yaleka aboonoonyi ne bamusiba? Yakikola kutuukiriza Kigambo, okuleeta ekivume eri Katonda, nga afa. Katonda yalina okufa. Yalina okusooka okwambala omubiri, okusobola okufa. Era ekyo Yesu yali akimanyi. Yakibagamba. Yabagamba nti, "Yeekaalu eno mugizikirize, Nange nnaagiyimusa nate." Ssi muntu mulala nti y'anaagiyimusa. "Nze nnaagiyimusa. Mu nnaku ssatu, Nja kugizzaawo nate. Mmwe mugizikirize; Nja kugizzaawo. Nga Yona bwe yamala mu lubuto lwa lukwata, ennaku ssatu n'ebiro bisatu, bw'atyo n'Omwana w'omuntu bw'ateekwa okubeera mu buziba bw'ensi." Naye n'okukitegeera tebaakitegeera. Mukiraba? Ekivume olw'Ekigambo, Ye—Yali kivume.

272 Kati, yakudaalirwa okutuusa okufa, okusobola okuzuukira eri Obulamu Obutaggwaawo. Yalina okusooka okuttibwa, Alyoke azuukirire Obulamu Obutaggwaawo, era asobole okuleeta abantu bonna abasigadde (abaali mu nkula Ye) eri Obulamu Obutaggwaawo, abo abaali ab'okubukkiriza. Mukiraba? Yafuuka omuntu, n'afuuka Omununuzi ow'omu lulyo lw'abantu, era yalina okugumira ekivume ky'okukudaalirwa kwonna, n'okujeregebwa, nga ne baweereza Banne abaamusooka bwe baakola. Nga Musa, nga Nuuwa, nga n'abalala bonna bwe baagumira okukudaalirwa okwo, Naye yalina okugumira okukudaalirwa. Lwaki? Kubanga Yalina Ekigambo, era Ye yali Kigambo. Y'ensonga lwaki baamukudaalira nnyo okusinga ne bwe baali bakikoze. Yali Katonda era nga ye Kigambo Kyennyini. Aleruuya! Ekyo kye Yali.

273 Yesu yabagamba nti, "Bannanfuusi mmwe." N'agamba nti, "Muzimba entaana za bannabbi ne muziyooyoota, ate nga mmwe mwabatta ne mubaziikamu. Bajja n'Ekigambo kya Katonda, ne mutabakkiriza. Bonna muvunaanibwa ogw'okubatta."

274 Bwe nnaagenda mu Phoenix, nga Katonda akkirizza, nnina ekigambo kye nnagwaako olunaku lwa luli, nja kuvunaana omulembe guno olw'okutta Yesu Kristo, olw'okuddamu ne bamukomerera, nja kuvunaana ekibiina ky'abaweereza ekyo, Katonda bw'anaaba akkirizza. Baliko omusango gw'Omusaayi gwa Yesu Kristo, olw'okuddamu ne bamukomerera. Yee, ssebo. Bonna mbalumiriza!

275 Peetero yabalumiriza, ku Lunaku lwa Pentekoote. Yabagamba nti, "Mmwe n'emikono gyammwe emibi mwakomerera Omulangira w'Obulamu, Oyo Katonda gwe yazuukiza. Ffe tuli bajulirwa b'ekyo." Yabalumiriza.

276 Nja kukwata Ekigambo kya Katonda, nnumirize buli kibiina kya ddiini kyonna, na buli muntu yenna ku nsi, alina omusango gw'okuyiwa Omusaayi gwa Yesu Kristo. Katonda annyambe mbeere looya We ku lunaku olwo. Amiina. Weewaawo.

277 Ha, abakudaazi baamusekerera. Baamuvuma. Naye yasigala akinywereddeko. Amiina. O! Mwekkaanye kye Yakola. Ye yali Omwana wa Katonda, naye yakkiriza afe okusobola okutta ekibi. Ekyo Yalina okukikola. Eyo...Eyo y'engeri yokka gye kyalina okuttibwamu. Era kino Yakikola, n'agumira ekivume, kubanga n'abalala bonna baakigumira.

278 Kubanga, bali bonna abaamusooka Ekigambo kya Katonda baakirina naye mu kigera. Kubanga, Yesu bw'atyo bwe yagamba. "E—Ekigambo kya Mukama kyajjanga eri bannabbi. Naye ani ku bo," n'Ababuuza nti, "bakitammwe, eddiini zammwe ezitambulira ku nkola ey'obuntu, gwe bataakuba mayinja ne bamutta? Ani ku bo eyakkiriza bannabbi? Bwe muva awo ne muzimba entaana zaabwe ne muziyooyoota nga bamaze okufa." N'abagamba nti, "Mmwe mwabatta ne mubaziikamu."

279 Bwe Yava awo n'abagerera olugero olukwata ku lusuku lw'emizabbibu nnyinirwo lwe yasigira abalimi n'atambula olugendo, abaddu ne bajja. Ne babatulugunya, oluvannyuma ne bagamba nti, "Kati omwana gwe tuzzaako okutta, kubanga ye musika." Mukiraba? Ha, ate ye bwe baamulabako ekiruyi ne kibabuubuuka. Mukiraba?

280 Naye Yalina okugumira ekivume. Era wuuno wano ne Yeewaayo ye Mwene n'asibibwa, n'atwalibwa okuttibwa, attibwe, asobole okukomyawo Obulamu Obutaggwaawo. Ekitiibwa kibe eri Katonda! O, mmwagala nnyo! Okusobola okukomyawo Obulamu Obutaggwaawo era azuukize buli mwana wa Katonda yenna, okuyita mu mirembe gyonna, eyanywerera ku Kigambo ekyo n'agumira ekivume. Mazima ddala.

281 Ssinga teyajja, Nuuwa teyandizuukidde. Ssinga teyajja, Eriya teyandikomyewo. Ssinga teyajja, Nuuwa teyandizuukidde, ssinga teya...ssinga teyajja. Kubanga, Ye yali Omwana gw'endiga oyo eyateekerwateekerwa, eyajja okwettika ekivume Ye kennyini, afe okufa ku lwa buli Kigambo kya Katonda kyonna ekyali kyogeddwa, era abasajja bano abatuukirivu kye baanywererako. Yalina kuba ye. Tewali mulala yali ayinza kukikola. Katonda Mwene ye yalina okukikola, era Yajja n'atwala ekifo ekyo, Asobole okununula n'okuwa Obulamu Obutaggwaawo eri buli mwana wa Katonda yenna eyayimirira ku lw'Ekigambo kye kimu era n'akkiriza okugumira ekivume. Buli mwana wa Katonda yenna, okuyita mu mirembe gyonna, eyasobola okugumira ekivume, tewaaliwo muntu yenna yali asobola kumununula, naye olw'okukkiriza yalengera Omununuzi oyo nga ajja.

282 Yobu yamulaba. Yobu yayimirira mu kiseera kye, ne bamugamba nti, "Nedda, oli mwonoonyi ow'omu nkiso. Kino ky'oyitamu Katonda y'akukangavvula, kubanga oli mwonoonyi ow'omu nkiso."

283 N'agamba nti, "Mmanyi nga Omununuzi wange mulamu. Mu nnaku ez'oluvannyuma aliyimirira ku nsi. Newankubadde nga envunyu z'omu mubiri zizikiriza omubiri guno, naye mu mubiri gwange mwennyini ndiraba Katonda."

284 Mukyala we n'amubuuza nti, "Lwaki tomukolimira n'ofa?" N'agamba, "Wenna olabika nga ssewannaku atalinaako ayamba."

285 Ye n'amwanukula n'amugamba nti, "Oyogera nga omukazi omusirusiru." Amiina. Nga Ye wuuyo. "Mmanyi nga mulamu, era Aliyimirira ku Lunaku olw'enkomerero."

286 Yesu ssinga teyajja, Yobu teyandinunuddwa, kubanga Ye yali Omwana gw'endiga ogwattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. Yali amanyi ekifo Kye. Yali amanyi ky'Ali.

287 Y'ensonga lwaki, Malyamu yategeera kye yali, ku lunaku luli bwe yafuluma wabweru. Yamugamba nti . . . "Ssinga mbadde . . . Ssinga Wabadde wano, mwannyinaze teyandifudde."

Ye n'amugamba nti, "Mwannyoko ajja kuzuukira."

N'addamu nti, "Weewaawo, Mukama wange, mu kuzuukira. Abadde muvubuka mulungi."

Yesu n'amugamba nti, "Naye NZE kuzuukira okwo. Ekyo okikkiriza?"

288 N'addamu nti, "Weewaawo, Mukama wange, nzikiriza nga Ggwe Mwana wa Katonda eyali ow'okujja mu nsi."

N'amubuuza nti, "Mwamuziika wa?" O! Kiikyo. Um-hum.

289 Yakitegeera. Omukazi oyo ebyo teyamala gabyogera. Yali yagobebwako dayimooni musanvu ezaamulimu. Yali amanyi amaanyi ga Katonda, agaasobola okumuggyako amalala n'okunyigirizibwa n'ebirala, ebyali bimutawaanya ne gabimuggyako, agaasobola okumuggyamu, omwoyo ogwo ogw'okwemanya kw'ekivubuka n'okwetwala nga ow'ekitalo ennyo, ne gamufuula ekitonde ekiggya. Yamugobamu dayimooni musanvu. Abakazi abo baali bamanyi kiki ky'Ali, abo abaamukkiriza.

290 Baali bamanyi ky'Asobola okubakolera. Era, ne leero bakimanyi. Kikkirize bukkiriza. Ekyo kye kiddirira.

291 Wuuyo. Ekyo omukazi yakyogera. Era n'A . . . Ebyaddirira mubimanyi. Ha!

292 Abo bonna abalibonaabona olw'Ekigambo kye kimu, Yafa olw'ensonga eyo. Ye yekka eyali Asobola okufa, okukikola, kubanga Ye yali Kigambo. Ye yali Kigambo, Ekigambo ekirabisiddwa. Bali abalala bonna baalinako kigera bugera, naye ono obulamba bwa Katonda bwonna, bwali mu Ye. Ye omu ne leero. Abaebbulaniya 13:8, "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Muwulirize.

293 Kati, mmaliriza. Ŋŋenda kumaliriza, nnina okukikola. Obudde mbusussizza nnyo.

294 Talina Kigambo n'ekimu kye yawandiika. Akirina? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Talina Kigambo n'ekimu kye yawandiika. Lwaki? Ye yali Kigambo. Ye yali kiki? Ebigambo ebyali byawandiikibwa, Ye yali okulabisibwa kw'Ekigambo ekyo. Kitiibwa! Wuuu! Kati mpulira bulungi. Ye yali Kigambo. Yali teyetaaga kubaako na ky'awandiika kyonna. Ye yali Kigambo, Ekigambo kino ekiwandiike kaakano nga kirabisiddwa. Ekitiibwa kibe eri Katonda! Ye omu jjo leero, n'emirembe gyonna. Ye Kigambo, Ekigambo ekirabisiddwa.

Oyinza okumbuuza nti, "Ddala ekyo kituufu, Ow'oluganda Branham?"

295 Laba Yakuwa mu kiseera kiri bwe yayimirira n'assa omukka n'akola akakoloboze ku mayengo gali, n'akolera abaana ba Isirayiri ekkubo ne basomoka.

296 Laba Yakuwa mu mubiri, nga agamba nti, "Mirembe, teeka." Amayengo bwe gaali gakuba ku lubalama, mu muyaga, nga ssetaani yeeswanta ku buli kintu, bw'atyo, Yagamba kimu, "Mirembe, teeka." Byonna ne bimugondera; embuyaga n'ebirala byonna. Yali Yakuwa. Amiina.

297 Yakuwa oli eyasinziira waggulu n'atonnyesa amatondo, ne gagwa ku nsi ne gafuuka emmere, abantu ne balya.

298 Yayimirira n'akwata ebyennyanja bitaano, manyanga, obugaati butaano n'ebyennyanja bibiri, n'aliisa abantu enkumi ttaano.

299 Ye yali Kigambo. Amiina. Amiina. Ye Kigambo, era lubeerera Ajja kuba Kigambo. Era nze n'ab'ennyumba yange, tunaaweerezanga Ekigambo.

> O, njagala okumulaba, njagala mmutunuleko mu maaso Ge,
> Nnyimbenga emirembe n'emirembe ku kisa Kye ekirokola;
> Ku nguudo ez'Ekitiibwa, njagala nnyimuse eddoboozi lyange;
> Okweraliikirira kwonna bwe kuliba kuweddewo, ku nkomerero ya byonna nga ntuuse eka, nsanyukenga emirembe n'emirembe.

300 O, bannange! Weewaawo. Gumira ekivume ky'Ekigambo. Waliwo ekivume ekigendera awamu n'Ekigambo. Nywerera ku Kigambo, era ogumire ekivume.

Leka tusabe.

301 Yesu, nga ekiro kya luli, ayi Mukama, bwe nnakaaba ne ŋŋamba nti, "Ayi Yesu, kiki ky'Oyagala nkole? Kiki kye nnyinza okukola, Mukama? Nga ndaba ebintu bino, nga mmanyi

n'akaseera ke tulimu, kiki kye nnyinza okukola, Mukama? Kiki kye nnyinza okukola?"

302 Nsabira ekkanisa yange eno entono, Mukama. Ndowooza ku bunyonyi obwali mu kwolesebwa, obwali bwoleka ebintu ebibaddewo; n'ebinyonyi biri ebirala, ebyoleka ebintu eby'ekitalo. Naye byali mu bibinja bisatu, Mukama. Naye Bamalayika abo bwe bajja, tewaasigalawo kinyonyi n'ekimu. Ababaka abatono babadde balungi, Mukama, naye nzikiriza nti waliwo ekintu ekinaatera okubaawo. Leka kibeewo, ayi Mukama. Tubumbe era otufuule ky'Oyagala tubeere. Ffe—ffe tuli bbumba. Ye ggwe Mubumbi.

303 Ku lunaku luno nga wabulayo olunaku lumu lwokka Ssekukkulu etuuke, ayi Mukama, tusiima ekirabo kya Katonda, Katonda kye yatuwa. Newankubadde nga luno, nga bwe tukkiriza mu mitima gyaffe, nti lunaku olw'okusamira okw'ekikaafiiri lwe bagezezzaako okubikkirira baluleetere okulabika nga—nga ekitambiro ky'emmisa, ekitambiro ky'emmisa ya Kristo, naye ffe tetujja mu ngeri eyo eya Faaza Kulisimasi n'emiti gya Ssekukkulu ne—n'okutimba. Naye tujja mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, okusinza Katonda w'Eggulu, eyafuuka omuntu, n'ayambala omubiri nga ffe, n'abeera wamu naffe, okusobola okutununula; ne yeetikka ekivume ky'Erinnya eryo, ne yeetikka ekivume ky'omusaalaba, n'akkiriza ekitongole eky'oku nsi kitte Emanweri, Asobole okutuleeta eri Obulamu Obutaggwaawo.

304 Ffe b'ani, ayi Mukama? Ffe b'ani, okubaako ekivume kyonna kye twewala? Ayi Katonda, tufuule abajaasi abazira. Mpaayo ebigambo bino gy'Oli, Kitaffe. Biyinza okuba nga bikutuddwakutuddwa; era nga byogeddwa omuntu omukoowu era ayenjebuse nga nze. Naye, ayi Kitaffe, wa abantu bano omukisa olw'okutuula ne bawuliriza. Era leka amaanyi agaazuukiza Mukama waffe, ne gamutwanjulira okuba Omulokozi, mu nnaku zino ez'oluvannyuma, leka galamuse buli mwoyo oguli munda wano, ayi Mukama, eri Okujja kwa Mukama waffe Yesu okusembedde ennyo. Leka kibeere bwe kityo, ayi Kitaffe.

305 Wonya abalwadde n'abanyigirizibwa abali mu makkati gaffe. Wonya abamenyese emitima. Mukama, tu. . . Tuyise mu bingi, omutima gwange gujjudde enkovu mpitirivu, ayi Mukama, olw'entalo enkakali. Mmaze ebbanga ddene mu lutalo. Nnyamba, ayi Mukama. Nneetaaga obuyambi Bwo. Oba oli awo okutendekebwa kuno kwonna kubaddewo lwa kigendererwa. Nzikiriza kubaddewo lwa kigendererwa, Mukama. Nnyamba, Ayi Katonda. Yamba ekkanisa eno. Era tuwe omukisa, ffenna.

306 Wa omukisa abaana abato. Ndowooza ku baana abangi leero, bambi, abali eyo abatalina kantu konna ke bagenda kufuna. Era nsa—nkusaba Obeere nabo era obayambe. Bawe Obulamu

Obutaggwaawo, ayi Mukama. Ekyo ky'ekikulu. . .ky'Ekirabo kya Ssekukkulu kye twetaaga, bwe Bulamu bwa Yesu Kristo okuwaŋŋama wamu n'okufugira mu mutima gwange. Ekyo kye njagala, ayi Mukama.

307 Kaakano ffenna, tuwe omukisa. Tuwaayo Ebigambo bino gy'Oli. Leka bigwe wonna we binaagwa, ayi Mukama. Wonna awali emitima emiggule, leka biveemu ekiseera ekirungi ddala eky'obulokozi, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

308 Oyo yenna a. . .Bameka abamwagala? Waliwo, ekintu kyonna kye tweyuna? O, mmwagala! Mmwagala. "Ayi Mukama, kiki ky'oyagala nkole?"

309 Temwerabira enkuŋŋaana ez'okubaawo akawungeezi. Kati mumanyi Ssekukkulu ky'etegeeza? O, *Kino* ky'ekirabo kyange ekya Ssekukkulu. *Kino* kye Kigambo ekyo. Mukama, ssinga nsobola okweta, ssinga nsobola okuva mu kkubo Ekigambo Kyo ne kisobola okweyoleka ne Kirabisibwa, nga Kyo munda *wano*, ekyo—ekyo ky'ekintu ekisingayo obukulu kye mmanyi.

310 Kati ndowooza balinawo ebintu bye baagala okuwa abaana abato. Kaakati olukuŋŋaana ŋŋenda kuluzzaayo ewa Ow'oluganda Neville. Mukama abawe omukisa.

Ow'oluganda Neville.

62-1223 Ekivume Ku Lw'Ekigambo
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

## Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:



Voice Of God Recordings

P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.

www.branham.org